

Luganda

Ekitabo ky'Oumuyizi

Siniya eyookubiri

Contents

1. Okukola emikwano n’okugikuuma	1
1.1: Enkyukakyuka ezireetebwa kavubuka	2
1.2: Okutwalirizibwa enneeyisa y’emikwano n’ebivaamu	5
1.3: Ebikolwa	7
1.4: Engeri y’okwewalamu emikwano emibi.....	9
1.5: Obuzibu bw’okukozesa ebiragalalagala.....	11
1.6: Akatabo kakakuumabyama.....	15
2. Essomero	18
2.1: Essomero lyange.....	19
2.2: Nakongezakikolwa n’enkozesa yaazo	26
2.4: Ebikolebwa ku ssomero buli lunaku n’ebiseera byabyo	30
2.4: Amawulire n’okumanyisibwa	33
2.5: Okujjuza Ffoomu	36
2.6: Amateeka n’ebiragiro mu ssomero	38
2.7: Obwediimo mu masomero	39
3. Ebifo eby’olukale	49
3.1: Ebifo eby’olukale mu kitundu kyange	50
3.2: Okugula n’okutunda	54
3.3: Ebiseera	57
3.4: Ebikolebwa mu bifo eby’olukale	59
3.5: Amalwaliro.....	63
3.6: Obukugu mu kutundu, okugula n’okunoonya akatale.....	65
3.7: Ennyambala esaanidde okusenziira ku bifo by’olukale eby’enjawulo	69
3.8: Obukuubagano mu bifo eby’olukale	70
4. Emikolo gy’okutuuma amannya	75
4.1: Entuuma y’amannya ey’ekinnansi.....	76
4.2: Okutuuma amannya mu ddiini engwira	77

4.3:	Obukulu bw'obulombolombo obugobererwa mu kutuuma amannya n'okwalula abaana	80
4.5:	Obukulu bw'erinnya.....	85
4.6:	Ennyimba eziyimbibwa ku mikolo gy'okutuuma amannya.....	86

5. Emirimu91

5.1:	Emirimu	92
5.2:	Ebigambo ebikozesebwa mu mirimu egyenjawulo	98
5.3:	Enyambala y'abakozi ku mirimu egitali gimu	101
5.4:	Endagabikwatakumuntu	103
5.5:	Ebbaluwa entongole	105
5.6:	Obwakazannyirizi	109
5.7:	Nakasigirwa ezoobuntu	114

1. Okukola emikwano n'okugikuumu



Ebigambo ebikulu

- Kaabuvuka
- Akasu
- Okwekoona akagere.
- Amalagolago
- Kavubuka
- Mugaba
- Embalabe.
- Amakudde
- Ekko
- Emikwano

Ebirubilirwa

Oluvannyuma lw'essula eno, osubirwa okuba ng'oyize/otegedde ku bino wammanga:

- Enkyukakyuka eziyitibwamu mu buvubuka, n'engeri gye zikosaamu abavubuka.
- Ebisoomooza ebyekuusa ku kuvubuka n'engeri y'okubivvuunuka
- Obuzibu bw'okukozesa ebiragalalagala
- Okukozesa ebigambo ebituufu nga twogera ku kusoomoozebwa okuva mu kusikirizibwa emikwano.
- Okukozesa ebilagalalagala
- Emigaso gy'akatabo kakakuumabyama
- Okulwanyisa okusikirizibwa enneeyisa y'emikwano
- Okukozesa ebigambo ebituufu okwogera ku nkolagana z'abantu ate n'enkyukakyuka ezibaawo ng'ovubuka

Omutwe guno gugendereddwamu okukuyamba okutegeera enkyukakyuka ezireetebwa okuvubuka. Mu ssuula eno yonna, oja kumanya bulungi enkyukakyuka ezimu ezireetebwa okuvubuka, naddala okugoberera enneeyisa yamikwano gyo n'okusikirizibwa okukozesa ebiragalalagala. Wabula, okumanya engeri y'okwewalamu okusoomoozebwa kw'okuvubuka kija kukuyamba okuyita obulungi mu mu kiseera kyokino ofuuke omutuuze omulungi alina obuvunanyizibwa ne ku bulamu bw'abalala.

1.1: Enkyukakyuka ezireetebwa kavubuka



Ekyokukola 1:

Okusoma

Soma emboozi eno n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku yo.

Okuvubuka

Nalwanga; Bannange Nakate, nga nsanyusa okukulaba! Nga ogezze, olya biki?

Nakate; Hmmm! Kale singa omanyi bwe nkooye ekigambo "nga ogezze"!

Nalwanga; Ate lwaki?

Nakate; Nze saagala kugejja. era kati nasalawo buyalya kyaggulo nsobole okusala ku mugejjo ggwe ne banno gwe munnyimbirira.

Nalwanga; Hahaha! Kanneesekereko maama! munnange olina okukimanya nti oli mu kiiseera kye bayita ekya kaabuvubuka.

Nakate; Kaabuvubuka? Otegeeza ki mu ekyo?

Nalwanga; Kye kiseera omuntu ng'atuuse mumyaka 12-20, ate era abakulu bagyogerako ng'emyaka emitiini.

Nakato; Eh!,, Mbuulira.

Nalwanga; Mu myaka egyo omuntu afuna enkyukakyuka ezitali zimu mu nkula y'omubiri gwe, okugeza ffe abawala tusuna amabeere, tugejja ne tulabika bulungi, n'ekikulu enyo kino kye kiseera mwe tweekoonera akagere.

Nakate; Eeeeh!,, Kati olinga agamba nti ne bwe sirya kyaggulo nja kusigala nga ngejja?

Nalwanga; Kyekyo, okugejja n'okunyirira kw'oliko tekujja lwakuba nti olya nnyo, wadde nga n'okulya ennyo ebintu ebimu naddala ebiwoomerera kiyinza okuviirako omuntu okugejja. Manya bumanya nti oli mu kiseera ky'okuvubuka kwo era okweyagaliremu mukwano.

Nakate; Hmmm!,, Ntegedde. Kati ate bo bannyinaffe kiki ekibatuukako mu kiseera kino eky'obuvubuka?

Nakate; Abaenzi bagejja ebifuba, ne bamera ebirevu ssaako n'amaloboozi gaabwe okutandika okudoodooma.

Nakate; Wamma!! Ennaku ezo mwannyinaze Katongole yali ayogera ng'ali mu nnyumba nnali ndowooza taata y'aliyo! Yafunye oguloboozi ogunene! Nabadde ndowooza ate oba yabadde ki?





Ekyokukola 2:

Okuwandiika



Ddamu ebibuuzo bino ng'osinziira ku mboozi eyo waggulu.

- Mulage ebintu eby'enjawulo ebireetebwa/ebijja ne kaabuvubuka mu kikula ky'abaana;
 - abawala
 - abalenzi.
- Muwandiike ebintu ebitali bimu abavubuka bye bettanira okukola mu kiseera kya kaabuvubuka..
- Muwandiike enkyukakyukakyuka endala abavubuka ze bayitamu nga tezoogeddwa mu kwogeezeganya okwo waggulu?
- Jjuza olukangaga luno wammanga ng'olaga enkyukakyuka ezibeera mu buli kika ky'abantu:

Enkyukakyuka mu kuvubuka

Enkyukakyuka z'omubiri

Abalenzi

(i)

(ii)

(iii)

Abawala

(i)

(ii)

(iii)

Enkyukakyuka mu nneeyisa

Abalenzi

(i)

(ii)

(iii)

(iv)

Abawala

(i)

(ii)

(iii)

(iv)

- Nkyukakyuka ki ezigatta abalenzi n'abawala?
Nkyukakyuka ki ez'ekikula ekimu?
- Lwaki ekiseera ky'obuvubuka kikulu nnyo mu bulamu bwaffe?

1.2: Okutwalirizibwa enneeeyisa y'emikwano n'ebivaamu



Ekyokukola 1:

Okuwuliriza n'okwogera

Emboozi eno wammanga eri wakati w'abakulembeze b'abavuka babiri. Mugisome babiri babiri oluvannyuma mukole emirimu egiweereddwa.

Ssenkusigulenkusigule..

Jjemba ne Nassanga bali mu kusomera wamu eggulire. Beewunaganya ku muvubuka ayagala okwetta.

Jjemba: Katonda wange! Kino nga kitalo! Omulenzi ayagala kwetta olwokuba nnyina amumbye ssente za waragi!

Jjemba: Okufa kwe kwanditulumye nnyo!

Nassanga: Mazima ddala! Ali mu ssiniya yakusatu kyokka nga nnyina alina oyo yekka ate nga y'amwekulizza! Kyandimunakuwazizza nnyo!

Jjemba: Kya nnaku okuba nga tewali abadde akirowoozaako.

Nassanga: Okulowooza ku ki?

Jjemba: Nti enneeeyisa yaabwe eyinza okubaleetera obuzibu!

Nassanga: Ng'ekyo kikwataganira wa n'okugezaako okwetta?

Jjemba: Kituufu, bw'oyongera okusoma kigambibwa nti mikwano gye gyamukaka, gyamusendasenda gyamutiisatiisa, gyamumatiza. Mu butuufu gyakola kyonna ekisoboka okumuleetera okwenyigira mu bikolwa ebibi ng'akabonero ak'obuvumu. Abantu abatwalirizibwa enneeeyisa y'emikwano, tebatera kutegeererawo binaavaamu okutuuka ng'obudde buyise.

Nassanga: Omwenge ye kanaaluzala wa byonna guliwo kuwaga muntu.

Jjemba: Ddala kya nnaku. Omwenge omuntu gumufuula kyuma kya Mudaaki nga bwe bagamba. Eggulire lyongerako nti banne baamusoomooza nti okulaga nti musajja ddala anywe liita y'enguuli, ssaako liita bbiri eza ttonto n'endala bbiri eza vodika.

Nassanga: Okusobola okukwana omuwala wa ssiniya eyookusatu. Kiki ekyaddirira?

Jjemba: Okusikirizibwa enneeeyisa y'emikwano kuvaamu bingi. Gwe basikiriza afuba okusanyusa ab'ekinywi kye asobole okubajaamu obudde bwonna.

Okukozesa ebiragalalagala naddala omwenge, kye kimu ku biva mu kusikirizibwa enneeeyisa y'emikwano.

Nassanga: Eyo eyinza okuba emu ku nsonga lwaki omulenzi yagenda anoonye ssente za waragi endala?

Jjemba: Naye si kyangu bwe kityo. Abasikirizibwa enneeeyisa y'emikwano batya okulemererwa. Olw'okwewala okuswala, basalawo okwetta. Bawulira nga baweddemu ensa ne beekyawa olw'okulemwa okwenyanga okulemererwa mu maaso ga bannaabwe.

Nassanga: Ekyo kibi nnyo. Abavubuka beewala batya okusikirizibwa enneeeyisa y'emikwano?

Jjemba: Abavubuka tebayinza kwewala kusikirizibwa nneeeyisa ya mikwano. Naye okumanya ebivaamu kye kisinga obukulu kye beetaaga anti Omuganda agamba ekijja omanyi

Nassanga: Amagezi ago gabayamba gatya?

Jjemba: Abavubuka bwe bamanya obutamala gagendera ku byonna bannaabwe bye babagamba nga tebeekubye mu kifuba, kibayamba okwewala bannaabwe bye bakola nga tebatidde kuswala. Bajja kwewala enneeeyisa ebassa mu katyabaga ebatwaliriza okugwa mu katego k'okusikirizibwa enneeeyisa y'emikwano. Bafuna ebintu ebizimba bye bakola ng'ebyemizannyo ne kibatangira okusikirizibwa enneeeyisa y'emikwano. Balina okusigala nga bakwatagana n'abomu maka gaabwe wamu n'eddiini yaabwe.



Mu bibinja, muddeemu ebibuuzo bino

1. Okuva mu mbooji eno okusikirizibwa enneeeyisa y'emikwano okitegeera otya?
2. Abavubuka bayinza batya okwewala okusikirizibwa enneeeyisa embi eya mikwano gyabwe?

1.3: Ebikolwa

Mu ssuula eno, tujja kusoma ku kika ky'ebigambo ekisinga okumanyika nga bye bikolwa.



Ekyokukola 1: Okuwandiika

Mukozese ebikolwa bino mu sentensi

	Ekikolwa	Embooji ekoledwa
1.	Okufuna'	Ekyokulabirako: Abavubuka bafuna nkyukakyuka mu mibiri gyabye.
2.	okusoomooza	
3.	okunywa	
4.	okufa	
5.	okusikiriza	
6.	okukwana	

Mu kitundu 1: 2 twasoma ku mbeera ezenjawulo abaana ze bayitamu nga bakula.

- a) Londayo ebikolwa bina ebiraga enkyukakyuka mu mibiri gy'abaana.
- b) Kola sentensi nga weeyambisa ebikolwa ebyo waggulu.



Ekyokukola 2:

Okuwandiika


Musome emboozi eno n'oluvannyuma mugikyuse mu Luganda

Overcoming peer pressure

One of the biggest challenges during adolescence is avoiding bad influence.

The adolescent needs to have self-confidence and believe in himself/herself. He needs to exercise assertiveness, to say 'No' to bad company and vulnerable behaviour such as experimenting with alcohol consumption, drug abuse and sex. The adolescent should make a point to keep in good company, be close to family and ensure to look up to role models in his/her community to motivate him. Role models can be successful youth leaders in church, politics, agriculture or business.

1. Leeta ebikolwa ebiraga abavubuka kye bayinza okukola okusobola okwewala okusikirizibwa mikwano gyabwe.
2. Wa endowooza yo ku kiki abavubuka kye balina okukola okuvvuunuka okusikiriza bannaabwe.





1.4: Enger y'okwewalamu emikwano emibi.



Ekyokukola 1: Okusoma

Musome ebbaluwa eno n'oluvannyuma muddemu ebibuuzo ku yo

Nakatonnya Secondary
School

A.K.P 120

Bombo

30^{tu} Museenene 2019

Owoomukwano Kyeyune,

Mmanyi nti nnakusuubiza okukuwandiikira amangu ddala nga nnaakatuuka mu ssomero eppya naye tekyasoboka. Mbadde n'ebizibu bingi era nneewuunya oba mbiyiseemu ntya? Ng'enjogera bweri, kye mpiseemu kubadde kufa na kuwona okuva lwe nnalinnya ekigere ku 'ssomero lino.

Okuyingira essomero mu mwaka ogw'okubiri tokiyita mmere. Abantu bonna amaaso baagansimba nga n'abantulugunya kw'otadde.

Kyokka ng'enjogera bw'egamba nti enywera y'erima, nnabiyitamu. Nneenyumiriza mu misomo gya Scripture Union gye twafunanga eyo buli wiiki. Mpulira nga ngisubwa na nnyo.

Weewuunye nnasobola okugaana okuyingizibwa mu gabinja g'abayizi agabi ataano mu wiiki eyasooka! Nnatwalibwa mu kakiiko k'abayizi akakwasisa empisa mu wiiki ey'okubiri ate mu y'okusatu mu kakiiko k'abasomesa akakwasisa empisa n'ekyasembayo lwali lukunjaana lwa ssomero lyonna. Eyo gye nayanikira obuziina bw'agabiina ago, essomero lyonna ne ligamanya. Nnasobola okukuba omuzimu gw'okutulugunya abapya n'enkoona n'enywa. Gwali gwe giriisirizza mu ssomero okumala emyaka. Abalenzi abo n'abawala abamu, baaweebwa ebibonerezo ebibagyaamu era kati ku ssomero batambula bakotese emitwe anti ensonyi zijula okubatta!

Newaakubadde ebyo byonna bibaddewo, njagala nnyo essomero lyange lino eppya kuba nange ndi muzira mu ngeri yange. Nsobola okumanya omukwano omutuufu bwe ngusanga. Abalenzi ababiri Yozefu ne Yasin be nsoma nabo mu kibiina kati be badda mu kifo kyo. Ffensatule tulina bingi ebitugatta naye ekisinga kwe kwagala Scripture Union.

Abawala b'eno balinga abalala bonna okuggyako nti bo bampisa ate bambala bulungi. Waliyo omuwala ayitibwa Maria, ffe ng'abalenzi atweyisizaako bulungi era ffenna tumwagala. Tuterako okumuyamba okukoppa ebisomesebwa kubanga ayosaayosa nnyo anti bambi alwalalwala nnyo. Omanyi alina obulwadde bw'okuziyira naye ekirungi mugezi mu kibiina.

Ekide ky'okulya ekyeggulo kivuze kanjende anti nina okugoberera enteekateeka y'essomero.

Nsubira okukuwuliza amangu ddala.

Owuwo ddala,
Kimuli



Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Okusinziira ku bbaluwa eyo Kimuli asoma kibiina ki?
2. Olowooza Kimuli yakola ki ekyamusobozesa okuwangula agabinja agabi?

3. Enkolagana y'abantu bano oginnyonnyola otya?
 - (i) Kimuli ne Kyeyune?
 - (ii) Kimuli n'agabinja agabi?
 - (iii) Kimuli ne Yozefu ne Yasin?
 - (iv) Kimuli, Yosefu ne Yasin n'omuwala Maria
4. Wa engeri y'okukuuma enkolagana ennungi wakati
 - (i) W'emikwano egy'ekikula ekimu
 - (ii) W'emikwano egy'ebikula eby'enjawulo



Ekyokukola 3:

Okwogera n' okuwuliriza

Nga muli babiri babiri, muzannye akazannyo nga mulaga engeri gy'oyinza okugaana okusendebwasendebwa okusobola okuwangula okusikirizibwa enneeyisa y'emikwano.

1.5: Obuzibu bw'okukozesa ebiragalalagala



Ekyokukola 1:

Okusoma n'okuwandiika

Musome emboozi eno n'oluvanyuma mugikyuse mugizze mu Luganda

Mental Illness

In Uganda, mental illness is said to be a common challenge among the youth. Persons with mental illness behave in awkward ways. Some talk to themselves or address an imaginary audience. Others isolate themselves from company, family and friends.

Mental illness has various causes but the number one cause is drug abuse. Mentally ill persons need medical care, but such services are very few in our country.



Ekyokukola 3:

Okuwandiika



Ng'ekibiina mukole olukangaga olulaga eddagala erisinga okukozesebwa obubi, engeri gye likozesebwa n'obulabe obutuuka ku balikozesa obubi mu bitundu gye muva.



Ekyokukola 4:

Okusoma

Soma ekitundu kino n'oluvanyuma oddemu ebikubuuzidwa kukyo.

Sserugo yali mwana nzaalwa ku kyalo Buzimwa mu Ggombolola y'e Mudduma eri mu Ssaza lya Beene ery'e Mawokota. Mwana mulenzi ono yali ayagalwa kumpi buli muntu ku kyalo okwo era emirundi mingi abazadde baamujulizanga nga babade baliko okubuulirira kwe bawa abaana baabwe nti, "Gwe Sserugo takusanyusa? Lwaki teweyisa bulungi nga Sserugo?" n'ebirala bwebityo.

Ekyayagazanga abantu omwana mulenzi ono, kwe kuba nti yali muwulize, mukozi, atya Katonda ate nga mugezi. Mu ssomero gye yasomeranga bayizi banne abamu abaalina eddiini entono baali n'okubisaza babisaza mbu yalina akalagala kaakozesa

buli lwe baabeeranga mu bibuuzo ebifundikira olusoma anti byagendanga okudda nga Sserugo bonna abeetise.

Naye olwo olugero lwakyuka. Leero bwotuuka ku kyalo Buzimwa tewakyali muntu n'omu ayagala kuyisa linnya Sserugo mu kamwa ke! Sserugo yafuuka kyeninyarwa, n'abaana abato abaamwegombanga kati bwe bamulengera badduka misende.

Kiki ekyabaawo? Ntegedde nga naawe kyekibuuzo kye webuuzza kaakati. Weesirikire, kandukuviire ku ntono. Olwali oloyo, nga wabaawo omugagga ensimbi gwe zaali ziyitaba nga ajja agula ku kyalo okwo ettaka era ng'atandikirawo n'okuzimba, naye abakozi yabaggyanga Kampala n'abaleeta nebakola. Sserugo waffe naye engeri gye yali omukakaalukanyi ate omuyiia, guno yagulabirawo nga mukisa gwe okwekolerayo ku kasente, ate ekirungi ebiseera byali bya luwummula olusembayo mu mwaka.

Teyeemotyamotya n'asaba omugagga omulimu wakiri “**apoote**” afuneyo eza “**ppoketimane**”. N'omugagga teyali mubi ng'akkiriza.

Bwatyo Sserugo ng'atandiika kuweereza ku kizimbe. Naye yafunamu ekyekango! Agavubuka agavanga e Kampala, bwe gaabanga teganatandiika kola nga gasooka kwekatankira byakunywa Sserugo byatasooka kumanya, mbu n'agamu yagalaba nga geekuba ensiko enfunda eziwera ng'emirimu gigenda mu maaso.

Sserugo ng'anywede ebiragalalagala

Lumu Sserugo kyava yeevamu n’abuuza nti, “Naye munywanga biki ebyo? Ate n’abamu ndaba mwesolossa mu nsiko mugenda okudda nga mutuuyana ebitagambika..... kiki?”

Omuwubuka omu kyava agamba Sserugo nti, “Wamma ekituufu emirimu gino gyetaagamu amaanyi agenjawulo mwana waffe.” Sserugo namwanukula nti “ Nange nno mujje mumpe ku byemunya kuba amanyi ago nange ngetaaga.” Baba bakyayogeranya, omuvubuka omulala kyava abuuza banne nti, “Abaaye, leero **tetuunyooke**? Mugire tugire.” Ekyo nakyo Sserugo kyamutabula. Ekiro ekyo Sserugo teyaddayo waka nga bweyakola nga. Abavubuka baamumatiza ne bamwagazisa bye baanywanga okufuna amaanyi okukakana nga Sserugo alozezzaako. Enkeera agenda okutandika emirimu nga wamma amaanyi gamuwala. Ogamba yakoma okwo nno? N’olwadako yakola kyekimu, ekyavaamu nga takyasobola kubeerawo nga tataddeemu “**kirungo**”.

Naye Sserugo kino kyamuleetera ebizibu ebyakyusa obulamu bwe okutuusa leero, anti wulira. Sserugo lumu yakola ekintu buli muntu n’asigala ng’amwewuunya. Omuvubuka omu ku beyali akola nabo, yagenda ng’ayiwa amazzi mu kagaali buno bu “wheelbarrow” atabule omusenyu. Sserugo kyava ajja mpolapola bweyatuuka ku kagaali akajjudde amazzi n’asooka amwenyaamu, n’abuuza abaaliwo nti, “Mmwe, lwaki obwedda temunjamba nti tulina ne wetukubira eddubi? Be yabuuza baba tebannamuddamu, Sserugo n’aggyamu engoye n’asigala mu k’omunda, ali awo nno? Alinnye akafunvu asinzidde, banne bagenda okwejuukiriza nga Sserugo agudde mu kagaali mbu olwo awuge! Banne mu kifo ky’okumuyamba baasekerera musekerere.

Sserugo bwe yava awo, yagenda asooba mpola okudda ewaabwe. Abaamusanganga mu kkubo nga asooba, baamubuuzanga nti, “Sserugo kiki? Nga otambula osooba busoobi?” Ye ng’abaddamu nti, “Mmwe temulaba waya z’amasanyalaze ezibunye mu kkubo? Mutambule mpola gajja kubalasa mmwe **babbayi**” Okuva olwo Sserugo yafuukira ddala mulalu awedde emirimu.




Ekyokukola 5: Okuwandiika



Mu bibinja, muddemu ebibuuzo bino ebikwata ku kitundu ekyo waggulu

1. Mulowooza Sserugo ne banne baanywanga biki?
2. Kiki ekiviirako Sserugo okukyuka mu nneeyisa?
3. Mumenye ebizibu ebiva mu kukozeza ebiragalalagala okusinzira ku kitundu ekyo waggulu?
4. Okusinzira ku kitundu, ebigambo bino wammanga bitegeezezza ki?
 - (i) Tunyooke
 - (ii) Ekirungo
 - (iii) Okupoota
 - (iv) Babboyi
5. Muleeteyo ebizibu ebirala ebiva mu kukozeza ebiragalalagala naye nga tebyogeddwako mu kitundu.



1.6: Akatabo kakakuumabyama

Ekyokukola 1: Okusoma

Wekkaanye akatabo ka Kirabo k'awandiikamu ebibaddewo akalagiddwa wammanga:

Kazooba 1 ^{mu} Muk 2018	Nagawonye 5 ^{no} Muk 2018
• Omusomo gwa Litulica mu Sharing Hall gubadde kika!	• Buli eyateesa olunaku luno yalyamu abayizi olukwe!
• Nsazeewo essomo eryo nditwale mu 2019! • Sibadde ku ssomero olunaku lwonna, Siridde kyaggulo naye nywedde obuugi. Olunaku olusinze obulungi. • Litulica oyee!	• Tetusomye ng'abasomesa bajaguza lunaku lwabwe. Eky'omukisa tukyusizza ku mmere olw'olunaku lw'abasomesa. • Tufunye omukisa okulaba emikolo gy'eggwanga ku terefayina. Nnenze mu buliri ng'omutwe gunnuma.

Walumbe 2 ^{ri} Muk 2018	Wamunyi 6 ^{ga} Muk 2018
• Olunaku lwa Ssiniya eyookubiri lubadde lulungi. • Tulonze amasomo, nnonzeeko Oluganda ne Litulica. • Abazadde tebasanyuse, bataano bokka be babadde mu lukiiko. • Mukwano gwange Luwedde alonzeeko ssomo lya Byabusuubuzi. Tujja kwesomesanga.	• Olwomukaaga olulungi lukubye kkoodi. • Nnina okusiba enviiri mu ssaluuni ya Ssanyu, Nsoose kukola mirimu gy'awaka nga sinnagenda mu ssaluuni. Ndabye akapiira mu ssaluuni, Liverpool ng'ezannya ne Aston Villa. Akapiira!
Mukasa 3 ^{tu} Muk 2018	Wangu 7 ^{nu} Muk 2018
• Nzuukuse nnina omusujja. Omusawo ampadde eddagala ly'omusujja. • Sigenze mu kutendekebwa Volley ball • Mpaddeyo omulimu gwange ogw'Okubala (Omutwe gweyongedde okunnuma ennyo)	• Okusaba okusoose mu Kkanisa y'essomero kubadde kulungi. • Scripture Union ku ssaawa kkumi • Okukubaganya ebirowoozo okwawamu wakati wa Ssiniya esooka n'eyookubiri • Tusomesezza aba ssiniya esooka essomo mu kukubaganya ebirowoozo!
Kiwanuka 4 ^{nnya} Muk 2018	Kazooba 8 ^{na} Muk 2018
• Amazalibwa gange naye nnyabo omutwe! Nfunye ekirabo ssemalabo okuva ewa mmange - Bayibuli! Bayibuli yange ku bwange okuva kati!	• Wuu! Era Kazooba! Bambonerezza olw'okutuuka ekikeerezi mu kibiina. Omuntu yajjirwa ekisolo kye bayita Okubala! Nja kugezaako.



Ekyokukola 2:

Okuwandiika



Ddamu ebibuuzo bino ebikwata ku katabo ka Kirabo kakakuumabyama.

1. Kirabo yazaalibwa ddi??
2. Omuwandiisi asoma kibiina ki?

3. Ssomo ki ly'asuubira okutwala omwaka ogujja?
4. Omuwandiisi asinga kwagala ssomo ki? Ssomo ki lyasinga okukyawa?
5. Kirabo asoma ddiini ki?
6. Kirabo asinga kunyumirwa byamizannyo ki?



Ekyokukola 3: Okwogera na kuwuliriza



Nga mukolera mu bibinja bya bayizi bana bana, munoonyereze ku bibuuzo bino:

1. Akatabo kakakuumabyama ebikulu kalina mugaso ki?
2. Bintu ki ebikulu ebitabula mu katabo kakakuumabyama?
Also add the following questions.,,
3. Abantu edda baakuumanga batya ebyam byabwe?
4. Kola akatabo kakakuumabyama akako ojjuzeemu ebibeddewo mu wiiki.
5. Muwandiike ku bulungi obuli mu nkola y'okukuuma akatabo kakakuumabyama n'obuzibu obuyinza okuba n'akatabo ako..

Ekyokukola ekiwumbawumba essuula

Mukwano gwo wamu n'abayizi abalala bagobeddwa mu ssomero olwokusangiwa nga bafuweeta ssegereeti mu biseera by'okusoma. Wali wamulabula dda ku muze ogwo gwe yali atandise naye ne yeesuulirayo gwa Nnaggamba!.

Yatya okuddayo ewaka era asiiba mu ffirmu na kukuba ndongo. Muwandiikire ebbaluwa ng'omusaba adde ewaka yeetondere bazadde be. basobole okumusonyiwa addeyo mu ssomero.

Bye weetaaga

Weebuuzze ku basomesa mu ssomero lyo ku ngeri gyoyinza okuyambamu mukwano gwo aleme kufiirwa misomo',

2. Essomero



Ebigambo ebikulu

- Akeediimo
- Amawulire
- Ffoomu
- Nakongezakikolwa
- Obuvunaanyizibwa
- Okuwandiika embooji
- Essomero
- Ebiragiro
- Embooji

Ebirubilirwa

Oluvannyuma lw'essula eno kuba osobola:

- a) Okukozesa ebigambo n'olulimi olutuufu okwogera ku bibeera mu somero.
- b) Okulaba enjawulo ebeerawo mu masomero agatali gamu.
- c) Okumenya obuvunaanyizibwa bw'abantu abatali bamu mu ssomero.
- d) Okunnyonnyola obukulu bw'essomero
- e) Okunokola Nakongezakikolwa okuva mu bigambo ebirala, ate ng'osobola n'okuzikozesa mu sentensi.
- f) Okutegeera ebintu eby'oluwalo ebikolebwa mu ssomero n'ebiseera buli kintu we kikolerwa.
- g) Okumanya we tusaka amawulire awatali wamu.
- h) Okujjuza ebikubuuizibwa mu ffoomu ezitali zimu mu ngeri entuufu.
- i) Okumanya ebivaako obwediimo mu masomero.
- j) Okunnyonnyola engeri obwediimo gye buyinza okuziyizibwa mu masomero.
- k) Okuwandiika embooji
- l) Amateeka n'ebiragiro

2.1: Essomero lyange

Ku ssomero lyange batuyigiriza n'okutugunjula okufuuka abatuuze abalungi mu nsi yaffe. Batufuula abantu ab'obuvunaanyizibwa eri abantu be tubeera nabo, mu ggwanga ne mu nsi okutwalira awamu. Ku ssomero buli muntu alina obuvunaanyibwa bw'alina okutuukiriza; tulina omukulu w'essomero, abamumyuka, omukulu w'ebyensoma, abakulu b'ebitongole, abafumbi, omubazi w'ebitabo, n'abalala bangi.




Ekyokukola 1:

Okusoma n'okuwandiika

Bano wammanga be bantu abakola obuvunaanyizibwa obutali bumu ku ssomero lyange.

1




2



3



4



5



6



7



8



Ebibuuzo:

1. Muwandiika obuvunaanyizibwa bw'abantu abali mu bifaananyi waggulu bwe bakola ku ssomero lyo.
2. Muwandiike ebintu kkumi ebisangibwa mu ssomero.
3. Mukube maapu y'essomero nga mulaga ebifo ebyenjwulo ebisangibwa mu ssomero.



Ekyokukola 2: Okusoma

Soma ekitundu kino wammanga:



Essomero lya St. Anna Thereza High School

St. Anna's High School lye limu ku masomero ageegombesa mu ssaza lya Kabaka ery'e Mawokota.

Lisangibwa ku kasozi Kitavujja, era bw'obeera ku ssomero lino ebyalo ebiriraanye biba wansi w'abigere byo. Essomero lilina ebizimbe galikwoleka ate nga birabika bulungi nnyo, muno nga mwe muli awasomerwa ebitabo, abayizi we bagula ebyokulya, awasomerwa ebya ssaayansi, ssaako yafeesi y'omukulu w'essomero etunula ng'omuntu. Bw'otuuka mu luggya lw'essomero, obuddo obusaawe obulungi, n'ebisiikirize by'emititi ebijjudde empewo ez'obulamu bye bikwaniriza. Mu butuufu essomero lijjudde kiragala mwereere buli w'otunula.

Ekintu ekiraga obulamu. Abayizi abasomerayo bamanyi n'okwewaana nga bo bwe bali okumpi ne Liisoddene. Kino nno nange kye kyasinga okunjagaza nsomereyo ko mpone ku nnaku y'omu kiwonvu oh!

Ekirala ekwaneegombesanga okusomera mu ssomero lino, y'ennyambala y'abaanabawala mu ssomero lino. Bannange abawala bali bambala ne batonnya mmooli. Balina akateeteeyi kaabwe akaakacungwa omukwafu, ng'emikono mimpfi, bakatunga mu ngeri ya lusoggo, nga kawanvu ekimala, olwo ne bambalirako enkampa enjeru, n'obugatto obuddugavu nga babukubye bulungi eddagala bayonjo okukira ennyange, ggwe wamma n'olaba bumalayika bwa Mukama obuwedde emirimu.

Kati ate ebyo byonna bw'ogattako abakozi b'essomero abakola emirimu gyabwe nga baliko akaseko ku matama, wamma ggwe liri essomero toyinza butalyegomba. Waliwo amasomero agamu g'otuukaako ng'abakozi bakutunuulira kyamuli nga ssalambwa lya nsenke. Ku lino essomero, buli omu alina obuvunaanyizibwa, ate era buli omu obuvunaanyizibwa bwe abwagala ng'awava erinnyo. Okuviira ddala ku musirikale akuuma wankaaki w'essomero, okutuukira ddala ku mukulu w'essomero yennyini. Nali sinnatandika kusomera mu ssomero lino nga ndowooza nti oba abakozi abalala be situukirirangako bo balimbeerera bazibu nnyo? Naye munnange ekyanzigya enviiri ku mutwe, bwe natandika okusomerayo nga buli muntu omukulu mu ssomero alinga maama oba taata. Bw'obeera ku ssomero lino obeera ng'ali eka.

Omukulu w'essomero wano y'alinga nnyinimu. Buli nsonga ey'enkizo ekwata ku ssomero bagijuliza ye. Si ekyo kyokka naye era y'avunaanyizibwa ku by'embeerera z'abakozi n'abayizi mu ssomero nga taata eka bw'avunaanyizibwa ku bantu b'omu nju ye. Kyokka ekimuyamba nti takola yekka alina ababeezi abamuyambako, nga muno mwe mumuli abamyuka be, omukulu w'ebyensoma, ono nga ye omulimu gwe kuteekateeka ebisomesebwa ku ssomero, n'okulaba nga buli ekirina okukolebwa kikolebwa mu budde bwakyo. Bw'ova ku oyo ate olwo buli kitongole ne kibaako nakyo akikulembera. Okugeza omukulembeze w'olulimi Oluganda ye Ssaalongo Kamoga. N'ebitongole ebirala bwebityo. Waliwo ate n'abakozi abalala ab'enkizo, okugeza ng'abatulaba eri olubuto. Bano ate balungi nnyo kuba tebakodowalira mmere, ofenkenya nga bw'oyagala. Waliwo lwe batufumbira oluvuutu bannange, haa!

Ku olwo tewaba yeesisigiriza, buli omu obudde bw'ekyemisana bwe butuuka akabina anyeenya akazza ku kiyungu.

Naye n'okusinga byonna essomero lyange linneeyagaza olw'obutatuulira bitone byaffe.

Abasambi b'omupiira bagusamba, abaagala okudduka batyo, ab'amazina babiibya, na buli kitone kyonna kye wali olowoozezzaako, mu St. Anna's High School kitumbulwa. Kati lwaki wanditunudde ewalala ng'onoonya essomero? Lino ly'essomero lyokka eriri ku mulamwa.



Ekyokukola 3: Okuwandiika

1.
 - a) Menyayo ebintu eby'obutonde bitaano ebisangibwa ku ssomero lya St. Anna's High School.
 - b) Menya abantu ab'ebiti eby'enjawulo ababeera ku ssomero eryo, era olage buli omu obuvunaanyizibwa bwe.

- c) Mu bubinja mulage enjawulo eriwo wakati w'essomero lyammwe n'erya St. Anna's High School, era munnyonnyole oba mwagala essomero lya St. Anna's High School oba nedda, muwe n'ensonga lwaki, mulyagala oba lwaki temulyagala.
2. Essomero eryogeddwako ligwa mu ssomero lya kika ki?
 3. Wandika ebika by'amasomero ebirala ebitayogeddwako mu kitundu ekyo waggulu.
 4. Mu bigambo ebitasukka 150, munnyonyoleku mbeera y'essomero lyammwe






Ekyokukola 4: Okusoma n'okwogera

Ebimu ku bifaananyi bya, St. Anna Thereza High School.


1



2



3



4



5



6



Ebibuuzo:

1. Ng'omaze okwekenenya ebifaananyi ebyo wagulu, nnyonyola ekigenda mu maaso mu buli kifaananyi.

2.2: Nakongezakikolwa n'enkozesa yaazo


Mu ssiniya esooka twayiga ku Nakongezalinnya era ne tulaba nti Nakongezalinnya zitambulira nnyo wamu n'amannya. Ne Nakongezakikolwa omulimu gwazo kunnyonnyola oba kwongera makulu ku kikolwa. Tusobola okunnyonnyola entambula y'omuntu mu ngeri nnyingi. Ebyokulabirako. Tuyinza okugamba nti,


Atambula kasoobo, asaayirira, asiira, aduma, asaatuuka, yeerinnyako, n,ebirala.

Ekyokukola eky'okwegezaamu

Ddamu owandiike sentensi zino wammanga nga weeyambisa Nakongezakikolwa ezikuweereddwa mu bukomera, gezaako mu buli sentensi Nakangozakikolwa ogisse mu bifo eby'enjawulo.

1. Abaana baalya emmere. (kuswankula)
2. Agalenzi gaamusikako ensawo. (n'eryanyi)
3. Kitaawe yamuwweenyula obuggo. (mu bulumi)
4. Yatambula n'adda eka. (obwegendereza)
5. Musisi ayogera nnyo ebitajja. (alondobereza)





Ekyokukola 1: Okusoma

Musome ekitundu kino wammanga n’oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku kyo..

Olunaku lw’okukyala ku ssomero

Amasomero agamu gakyaza abazadde, n’abagenyi abalala emirundi ebiri mu buli lusoma, balabe embeera y’abaana n’okumanya bwe basoma. Ne ku ssomero lyange erya Kateregga Rivers College, okukyalira abayizi kwaliwo nga 20th Mugulansigo 2019, era nga kwe kwali kusooka mu lusoma olwo. Nze ne mukulu wange tusoma mu ssomero lye limu eryo, ye ali mu ssiniya ya mukaaga, nze ndi mu yaakubiri. Ye asula mu kisulo, ate nze nviira waka.

Twasalawo tugende tumukyalireko ffenna eb’ewaka. Twagendera mu mmotoka ya kitaffe eya bululu, gye yali yaakagula. Taata ne maama baaatuula mu maaso, nze ne kato kange ne tutuula emabega. Ffe ababiri twali mu kwesunga nga bwe tugamba taata ne maama bye tusuubira okulaba mu kkubo, ne ku ssomero. Byali biki nno?

Twali tusuubira okulaba ebizimbe mwe basomera ssaayansi, ebibiina mwe basomera, kaabuyonjo zaabwe, effumbiro, emiti, abantu, n’ebintu ebirala bwebityo.

Taata emmotoka yagivuga misinde, naye ate nga tavugisa kimama. Nagenda okulaba ng’emiti n’ebintu ebirala bye twayitangako nga ate byo gye tuva gye bidda. Twalina okweyuna obudde sikulwa nga tusanga essomero liggaddewo. Enfunda zaawerako ng’emmotoka egwa mu binnya. Ekyavaamu ffe ne tukoowa ne twebaka.





Ekyokukola 2: Okuwandiika



Damu ebibuuzo bino wamanga nga wesigama ku kitundu ky'osomye.

1. Ekitundu kyogera ku ki? Nnyonnyola mu bigambo ebitonotono.
 - a) Nokolayo Nakongezakikolwa eziri mu kitundu ky'osomye waggulu,
 - b) Nakongezakikolwa z'onokoddeyo mu 2.(a) waggulu, buli emu laga ekika mwegwa.
2. Nga mukola babiri babiri, muleeteeyo Nakongezakikolwa endala ezitali mu kitundu ekisomeddwa, era nazo buli emu mugikozese mu sentensi.
3. Nga weesigama ku kitundu ky'osomye, jjuzaamu ebibulawo mu mabanga agalekeddwa mu lukangaga luno wammanga.

Eky'okulabirako:

	Ekibuuzo	Ekyokuddamu	Ekik kya Nakongezakikolwa
	Essomero likyaza abagenyi emirundi emeka mu lusoma?	Emirundi ebiri	Ey'omuwendo/ obungi
1.	Okukyalira abayizi mu ssomero ly'omunyumya kwaliwo ddi?	_____	_____
2.	Omunyumya ne bazadde be baali bagenda wa?	_____	_____
3.	Taata w'omunyumya emmotoka yagivuga atya?	_____	_____



Ekyokukola 3: Okuwandiika

Omulimu ogwawamu/ekyokukolera awamu



Nga muli babiri babiri,

1. a) Mumenye abantu abaali mu lugendo, ne gye bali bagenda?
b) Omunyumya asuubira kulaba ki ng'ali ku lugendo olwogerwako?
2. a) Essomero erinyumiziddwako mulowooza ddungi, oba nedda, Muwe ensonga zammwe.
b) Essomero eryogeddwa lyawukana litya kumasomero amalala ge mumanyi?



Ekyokukola 4: Okuwandiika



Mu sentensi ezikuweereddwa wammanga, jjuzaamu Nakongezakikolwa ezituukiramu ez'ekika ekikuweereddwa mu bukomera.

1. Twali tuliddeko mu wooteeri eyo naye nga tetu funangawo buzibu bwonna, wabula ku luno byatusobera. (ey'obungi/ey'omuwendo.)
2. Bwe baalaba atabuse omutwe ne bamutwala sikulwa ng'atuusa obulabe ku bantu. (ey'ekifo).
3.tujja kuba tugenze mu ssiniya eyookusatu, era nze nfuba nnyo okulaba nga sisigala mu ssiniya yaakubiri. (ey'ekiseera).
4. Oyo mwanamulenzi yansobera, ayogera nze ne byayogera emirundi mingi sibiwulira. (ey'engeri).

2.4: Ebikolebwa ku ssomero buli lunaku n'ebiseera byabyo

Olw'okuba ku ssomero tugendayo kuyiga, buli kintu ekikolerwayo kirina okuba n'ekiseera mwe kikolerwa nga kimanyiddwa bulungi eri buli muntu ku ssomero.

Amasomero agamu gakola enteekateeka ey'engeri eno nga ya lusoma lumu, ate amalala eba ya mwaka mulamba. Mu bintu ebikolerwa enteekateeka ey'obudde bwe birina okukolerwamu mulimu nga bino;

- a) Ensoma ezibaawo mu lunaku
- b) Ebyokuyiga ebitali bya mu kibiina
- c) Okukubaganya ebirowoozo okwa bangi
- d) Ebibiina ebigatta abayizi ab'endowooza emu
- e) Enkuŋŋaana ez'awamu eziggulawo oba okuggalawo essomero
- f) Okuyonja essomero
- g) Okusoma kw'ekiro, oba ku makya ennyo
- h) Ensoma ezigenderera okuyamba/okusitula abayizi ababulamu
- i) Ekyeggulo, ekyemisana, okuwummulamu kw'oku nkya, ekyenkya, n'ebirala bingi.

Enteekateeka bwetyo bwemala okukolebwa, essomero litambula bulungi awatali kutaataaganyizibwa kwonna. Kyokka enteekateeka erina okukolebwa ng'esobola okukyukamu we kiba kyetaagisizza

Wammanga kye ky'okulabirako ky'enteekateeka y'ebikolebwa ku ssomero n'ebiseera mwe bikolerwa ey'olusoma lumu lwokka nga yakolebwa essomero erimu.

Kagera Rivers High School

Enteekateeka y'ebyokukolebwa n'ebiseera byabyo ey'olusoma olwokusatu 2019



Ekiseera	Wangu	Kazooba	Walumbe	Mukasa	Kiwanuka	Nagawonye	Wamunyi
11.00-12.30 ez'oku makya		Kusoma kw'oku makya	S.1-3	S.4 - S.6			
12.30-1.30 Ez'oku makya	BABA MU KUSOMA KW'OKUMAKYA						
1:30 -04:10 Ez'enkya	S 1 – S. 6 baba basoma						
04.10- 04.40am	KUYONJA BIBIINA BYONNA N'OKULYA EKYENKYA						
04.40-07;10 ez'olwegulo	Kusaba	S. 4 – S. 6 Baba basoma				S 1-S3 Baba mu kukubaganya birowoozo okwa bangi	

07:10-08:10 ez'olwegulo	KYAMISANA						
8:10-9:40 ez'olwegulo	KUSOMA KWA MU BIBIINA WONNA			KUSOMA KWA MU BIBIINA WONNA		KUSOMA KWA MU BIBIINA WONNA	
9:40-11.30 ez'olwegulo	Mizannyo,/N'ebibiina ebigatta abayizi ab'endowooza			S.4-S.6 Kusoma okw'okusitula abayizi ababulamu			
11:30-1:30 ez'olwegulo	KYAGGULO						
7:30-9:30 ez'olwegulo	Buli muntu akola bibye	KUSOMA KWA KIRO	KUSOMA KWA KIRO	KUSOMA KWA KIRO	KUSOMA KWA KIRO	KUSOMA KWA KIRO	Buli muntu akola bibye



Ekyokukola 1: Okuwandiika

Ekyokukola ekyawamu

1. Nga mukola babiri babiri,
Muwandiike nga munnyonnyola ebikolebwa gye
musomera buli lunaku. Musobola okubyesigamya ku
bino wammanga:
 - (i) Ekiseera ky'okusoma okw'oku makya oba
ekiro ennyo
 - (ii) Obudde obuzuukukirwako
 - (iii) Ekiseera eky'okuyonja essomero lyonna
 - (iv) Ekiseera ky'ebibiina ebigatta abayizi
ab'endowooza,emu.
 - (v) Ennaku abazadde kwe bakyalira abayizi,
2. Nga mumaze okwetegereza enteekateeka
y'ebikolebwa ku ssomero lya Kagera Rivers
High School mu lukangaga lwe tulabye waggulu,
mutegekeeyo ey'ekibiina kyammwe egifaanana,
nga mulaga bino wammanga ennaku n'ebiseera we
bikolerwa;

- a) Emisomo
- b) Okusoma kw'okusitula abayizi ababulamu
- c) Emizannyo, (akapiira n'okubaka)
- d) Okuyonja okw'essomero lyonna
- e) Ssaawa z'okuliirako
- f) Ennaku abazadde kwe bakyalira okulaba abayizi n'ensoma yaabwe.

2.4: Amawulire n'okumanyisibwa

Amawulire kuba kumanyisibwa ku bintu ebiba byabaddewo ebbanga si ddene emabega. Oluusi ziyinza n'okubeera alipoota okuva mu mpapula z'amawulire, terefayina, oba leediyo. Amawulire tugafuna okuva mu ggwanga mwe tuli, oba okuva mu nsi yonna.







Ekyokukola 1: Okuwandiika n'okusoma

Mu bibinja:

- a) Muwandiike nga munnyonyola engeri gye mufunamu amawulire gye mubeera
- b) Buli omu abuulire munne omusomi w'amawulire amusingira ku leediyo, oba ku terefayina, n'essaawa z'asomerako amawulire.
- c) Mulonde ebintu bibiri ku biweereddwa wammanga, mubiwandikeko amawulire ge munaasomera bannammwe
 - Okulonda kw'omukulembeze w'eggwanga/ obwapulezidenti
 - Okubumbulukuka kw'ettaka

- Okufa kw'omuyimbi omututumufu
 - Okukyala kw'omukulembeze w'eggwanga ku ssomero lyo
 - Okudda kw'ebiyava mu bibuuzo bya ssiniya eyookuna 2019
- d) Mulage emikutu mwe tufunira amawulire ensangi zino
- e) Muwandiike abantu bedda bye beeyambisanga okufuna amawulire.

2.5: Okujjuza Ffoomu

Enfunda nnyingi gye weyongera n'emisomo ojja kutuuka ekiseera ng'olina okujjuza ebikukwatakako mu mpapula ezitali zimu nazimu. N'olwekyo weetaaga okuyiga okujjuza empapula ezifaanagana bwezityo nga bukyali.



Ekyokukola 1:

Okusoma

Musome ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma muddemu ebikubuuziddwa.

Nalwanga

Ssesiria Nalwanga yazaalibwa nga 28^{na} Muwakanya 1989, mu ddwaliro e Nsambya erisangibwa mu ssaza lya Ssaabasajja ery'e Kyaddondo.

Nalwanga yazaalibwa omwami n'omukyala Nsubuga, era baabazaala abaana musanvu nga ye woomusanvu.

We baamuzaalira kitaawe yali akolera mu kitongole ky'eggaali y'omukka nga Yinginiya, ate maama we ye teyalina mulimu, mulala okuggyako ogw'okukuza abaana baabwe, mpozzi n'okutunda akaduuka k'ebiyokulya ke baalina ewaka.


Amaka ga ba Nalwanga gasangibwa Kaabasanda mu ssaza lya Ssaabasajja ery'e Butambala. Nalwanga yazaalibwa ne mwannyina Sserukubira.

Nalwanga yasoma n'atuuka ne ku Ssetendekero e Makerere, gye yakugukira mu lulimi Olungereza, era n'afulumu ng'awangudde

Digiri ye esooka mu byenjigiriza. Nalwanga mufumbo, ng'alina n'ezzadde lya baana babiri omulenzi n'omuwala.

Mu kiseera kino Nalwanga musomesa mu limu ku masomero amanene mu ssaza ly'e Busiro, era ng'asomesa Lungereza, n'olulimi Oluganda.

Aluubirira kweyongerayo kusoma Digiri eyookubiri mu Litulica ku ssetendekero e Makerere.



Ekyokukola 2:

Okuwandiika



Jjuza amabanga agalekeddwa mu ffoomu eno wammanga, ng'osinziira ku kitundu ky'osomye.

1.

Foomu y'okwewandiisa

Erinnya
 Ennaku z'obuzaale bwe.....
 Ensi gy'avaamu
 Obutuuze
 Omulimu
 Obuyigirize
 W'ayimiridde mu by'amaka.....
 Emyaka
 Eggombolola mw'ova
 Ekyalo

2. Nga mukola babiri babiri, muwandiike ebitonotono ebikwata ku muntu yenna omumanyifu gwe mwagala mu kitundu ky'ewammwe.
3. Nga mumaze ekyo, mulondobeemu ebikulu ebimukwatako nga ye, mukole ffoomu efaananako ne gye tulabye waggulu, mubijjuzeemu.
4. Era nga mukyakola babiri babiri, mukole endagamuntu y'essomero lye mwagadde mugijjuzeemu ebigendamu

2.6: Amateeka n'ebiragirow mu ssomero

Amateeka gateekebwawo ng'ekigenderwa ekikulu kulunŋamya engeri ebintu gye birina okukolebwa oba ne bwe bitalina kukolebwa mu ssomero.

Ebitongole bingi nnyo bigoberera amateeka agassibwawo era bwe wabaawo obutagagoberera kitegeeza kubaako ekikolebwa mu bwangu. Ebitongole ng'amasomero, amalwaliro, obutale, n'ewaka waliyo amateeka agalunŋamya engeri ebintu gye birina okukolebwamu. N'olwekyo, awatali mateeka na biragirow mu bitongole, ne gye tubeera obulamu buyinza okuzibuwala.



Ekyokukola 1 : Okuwandiika

Mu bubinja,

1. Muwandiike amateeka ataano agalina okugobererwa mu kitundu gye mubeera, oba ewaka, n'ebibonerezo ebiweebwa singa gamenyebwa

2. Muleeteeyo emigasomukaaga egiva mu kubeera n'amateeka n'ebiragiro.
3. Mubageeyo amateeka asatu (03), ge mwandyagadde gagobererwe mu bifo bino wammanga, mugasomere bannammwe mu kibiina
 - (i) Mu kaabuyonjo
 - (ii) Mu kibiina
 - (iii) Mu kisulo



Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza

Mu bibinja,

1. Munnyonnyolegane amateeka ge mugoberera eka wammwe.
2. Gye mubeera bintu ebisaanye okussibwako amateeka?
3. Munnyonnyole ekibiina ku bye mwazuula ku kiyinza okubeerawo singa mu nsi temubaamu mateeka.

2.7: Obwediimo mu masomero



Ennyanjula

Akeediimo ye ngeri abayizi gye basinga okweyambisa mu masomero okulaga obutali bumativu bwabwe, ne bajeema okulinnya mu bibiina okusoma.



Ekyokukola 1: Okusoma n'okuwandika

Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikubuuziddwa.

Akeediimo mu Kibuuka Secondary School

Kibuuka Secondary School, lye ssomero eryali lisinga okwogerwako mu masomero agaali mu ssaza lya Ssaabasajja ery'e Buluuli mu biseera ng'abasomesa bakyali basomesa, nga n'abayizi bategeera ekyabatwala ku ssomero. Lyalina ebizimbe nga kwokomya amaaso, ebisulo by'abayizi nga biyitirivu obulungi, okwo nno nga kwossa n'okuba nti lye ssomero eryafulumyanga abayizi abeegombesa, mu mpisa, obwongo obwogi, ne mu mbeera endala zonna mu butuufu nga tewali abawunyamu.

Kibuuka Secondary school lyali ssomero lya mirembe nnyo, era n'abantu ku kyalo kwe lyali baalyeyitiranga Mirembe Secondary.

Abayizi, abazadde, n'abasomesa baalina enkolagana nga nnungi nnyo mu ssomero lino, era olw'enkolagana ennungi eyo abayizi ebigezo by'akamalirizo baabikubanga budinda. Essomero lyalina omukulu w'essomero eyayitimuka ennyo ng'abayizi n'abazadde bamwetiya Muzzanjanda, olw'engeri gye yakwatangamu ensonga z'abayizi n'abazadde, naye ng'erinnya lye ettuufu ye yali Kkirizesitomu Walunjama. Yali musajja waakitema, waakatakketake, ng'atambula ayanguyirira buli kadde, era nga bw'omusanga ku ssomero oyinza okulowooza nti mpozzi alinako gy'alaga ewalala, naye eyo ye yali enkola y'emirimu gye bulijjo. Nga tayagalira ddala kusuula budde, nga bwe yakiyitanga. Yali musajja atasaagira mu nsonga, ateesesaasesa, naye ate mwattu nga wa kisa ekitiiriika. Era eyo y'emu ku nsonga eyavaako abayizi be okumwagala ng'awava erinnyo.

Lwali lumu amawulire ne gayita ku ssomero mbu Muzanjanda yali agenda kukyusibwa atwalibwe mu ssomero eddala, naye ng'ensonga evaako ekyo tetegeerekeka bulungi. Abayizi baafunamu entengero olw'amawulire ago. Baatandika okwebuuzza munda yaabwe, nti ani anaamuddira mu bigere? Waayitawo emyezi esatu, ebyali ebya mbu ne gafuuka mazima ag'enkukunala. Muzanjanda baamukyusa, era omukulu w'essomero omulala n'aleetebwa.



Ono yali musajja munene, mumpi, muddugavu okukira entamu. Amaaso ge gaali manene mamyufu okukira ag'endegeya, nga bwaba atambula abaligamu.

Yalina omulevu omusakaativu, nga bw'omulengererera ewala oyinza okulowooza nti asibye ssubi kkalu ku mba ze.

Mu butuufu nga gw'oyinza okwogerako nti yali akutuza endiga ku ttale. Naye abayizi baamwaniriza, ggwe ate nga banaakola batya? Omukulu w'essomero omuggya yeeyanjulira abayizi nga Mw. Ssemugooma Nkoma, okuva e Bukundugulu mu Kyaggwe.

Emyezi omukaaga egyasooka Mw. Ssemugooma gy'amutambulira bulungi. Abayizi baali bateese nga ga Lubigi, era ng'obalinnyako n'ogenda. Ne mukulu Ssemugooma ebintu yali akyabitambuza nga bwe yali abisanze. Naye munnange baabiraba, ddala ebirwa bikyuka, amalusu gafuuka engeregeze. Olwali olwo, mukulu Ssemugooma nga teyeesuulamu jjulume? Yasooka mpolampola ng'amwa ekirevu bw'akola, eyali omumyuka we Mw. Kyewola amukyusizza. Ensonga? Tewali amanyi. Bwe yava ku oyo n'abakira Mw. Ssemuko eyali omusomesa w'Okubala, oyo naye amufuumudde, ekimugobya kiki nno? Abayizi be baabisaza mbu Masita Ssemuko, nga bo bwe baamweyitiranga, yali akolagana nnyo n'abayizi! Kale Mw. Ssemuko bwatyo n'ayitira awo.

Oyo nno bambi abayizi baali bamwagala okukamala, naye ne basirika, anti munnange akusinga akukubya gw'okutte. Teyakoma awo, amateeka n'ebiragiro by'essomero nabyo n'abikyusaamu. Abayizi baali tebakyalina ddembe lya kweyogerera, yadde okukolagana ne bayizi bannaabwe naddala bwe kituuka ku ky'omulenzi n'omuwala okuba n'enkolagana esukka ku kubuuzaganya. Bino bya simanyi tulina bye twogeramu tutuuleko mu kati wali babiri? Olupapula lw'amawulire olw'essomero mwe baawandiikiranga ku bibeerawo ku ssomero, n'ebiruma abayizi, byonna ebyo nga Ssemugooma takyayagala kumanya. Ekirala mbu yali akizudde ng'essomero lifiirwa ssente nnyingi nnyo nga liriisa abayizi emmere ey'ebbeeyi, mmere ki nno ey'ebbeeyi? Mbu olw'okuba olumu baalyanga ku muceere n'ennyama! Mw. Ssemugooma ebyo byonna yabiwera. Naye abayizi tebaamunyega, ne bamussa akasiiso ow'endali kassa omukukumi.

Munnange bajjajjaffe baabiraba nti gwe zisanga azigumira, ekikere kisula kitudde.

N'abayizi mu Kibuuka Secondary School nga batandika kugumira nnaku eyali ebatandiseeko, nga muli bagamba nti kasita ekikulu ekyatuuleeta kyo tebakitugobyeko, ka tusome! Ebijanjaalo bwe baaleetanga ebyakawukuumi, nga balya, oba kawunga ke katayidde, ng'era balya.

Ebisale by'essomero byayongezebwa, bayizi bannaabwe bangi ne bagobwanga olwa bo kye baayitanga obusongasonga omutali, naye era tewali yanyega.



Naye nga bwe bagamba nti, bw'onyigiriza ennyo ennyindo, ogireeta omusaayi, ekiseera ky'atuuka abayizi ne beekyawa. Lwakya lumu ku makya, ne bagenda ku kiyungu bafune obuugi bwabwe nga bulijjo, bagenda okutuuka awo nga bakabatema nti obuugi tewali! Omukuumi ye yabagamba nti omufumbi yali yagobeddwa eggulo limu. Bwe baabuuza ensonga eyamugoby, nga tewali ayinza kuginnyonnyola. Ku olwo nno n'ekyemisana kata baleme kukirya, baakirya buyise, ate nga n'ebijanjaalo tebiyidde.

Abayizi kye baakola, bwe baava ku kyemisana tebadda mu bibiina. Baasalawo kutuula bweru wa bibiina byabwe ne basaba boogereko n'omukulu w'essomero. Baasooka kutuuzza bakulembeze b'abayizi ne babayitiramu ku bye baagala omukulu w'essomero atereeze, ate nga mu butuufu byali byeyogerera.



Omukulu w'essomero kye yakola, yayita abakulembeze b'abayizi n'asooka ayogera nabo, tebaali babi ne bamuyitiramu ensonga zonna eziruma bayizi bannaabwe nga bwe baali bazibagambye. Omukulu w'essomero yeewuunya nnyo obukkakkamu bw'abayizi mu Kibuuka Secondary School, kuba bwe yawuliriza ebintu byonna abayizi bye baali be mulugunyaako, mu butuufu byali bibanyigidde ebbanga, naye mbu yali tamanyi nti yali abanyigirizza ekyenkana awo.

Yayita abayizi bonna abalala ne bakuŋŋaana, n'ayogerako gye bali. Omukulembeze w'abayizi ye yasooka okwogera eri bayizi banne, era yayogera bwati;

Ssebo omukulu w'essomero,

Omumyuka w'omukulu w'essomero,

Abasomesa mwenna abali wano'

Bakulembeze bannange bwe tukulembera abayizi,

Ne bayizi bannange mwenna, mbalamusizza.

Abayizi abapya mu ssomero, nga mubadde temummanyi, amannya nze Kabugo Zaavuga, nga ndi muyizi mu ssiniya eyoomukaaga, era nga nze mukulembeze w'abayizi ow'oku ntikko.



Ensonga etukunjaanyizza wano leero, kwe kubabuulira obubaka bwe tuggye ew'omukulu w'essomero ku nsonga ze mwatusindika tumubuulireko ezibadde zitunyiga okumala ebbanga.

Ekirungi nti n'omukulu w'essomero yeninyini waali, era sija kulandagga mu bingi wabula kye nnyinza okubagamba nti ensisinkano yaffe n'omukulu w'essomero yabadde nnungi ddala okusinga bwe twabadde tusuubira, era ssebo omukulu w'essomero tukwebaza olw'okutuwa obudde n'otuwuliriza.

Ebisingako awo, Lubaale w'omulamu tasamirirwa, nsaba omukulu w'essomero ye kennyini abitubuulire.

Mwebale nnyo okumpuliriza, nsaba tuwulirize omukulu w'essomero, n'oluvannyuma tujja kumanya ekiddako. Mukama Katonda abakuume.

Mu kwogera kwe, omukulu w'essomero yabeetondera, ate n'abeebaza okweyisa mu ngeri enjnjufu bwetyo ne batakola ffujjo lyonna.

Yabategeeza nti ensonga ezimu ze baali bamunenyenza si zize ng'omuntu, nti naye yali yeesanze bwesanzi nga zitambudde bwezityo.

Yabawa ekyokulabirako nti ekyamazima yali tagobanga muntu yenna lwa bubi, nti wabula eyali omumyuka we yali akwatiddwa nga yeerigomba n'omwana omuwala atanneetuka eyali asomera mu ssomero eddala eribaliraanye, nti ate Masita Ssemuko yadde baakimussaako nti yamugoba lwakuba yali ayagalwa nnyo abayizi, naye ekituufu kyali nti Masita Ssemuko yali asolooza ssente z'ebisale by'essomero ku bayizi ate n'atazituusa gye zaali zirina okugenda, nti kale obukumpanya obwo bwali tebuyinza kuguminkirizika mu ssomero. Bwe yabuuzibwa ku ky'omufumbi waabwe, yabategeeza nti ekituufu omufumbi yali yeegobye yekka, nga n'esonga eyamutwala yali naye akyagyebuuza. Yabasuubiza nti ensonga zaabwe zonna yali agenda kuzigonjoola.

Ekyo bwe kyawulirwa ku kyalo kyayongera okukakasa abantu nti ddala abaana ba Kibuuka Secondary School baali banjawulo nnyo okuva ku bayizi b'amasomero amalala. Omukulu w'essomero yategekawo omukolo n'ayita abazadde b'essomero n'abeebaza okugunjula abaana baabwe obulungi bwebatyo, n'abayizi n'abasaba okugenda mu maaso n'enkola eyo nga basanze ebibasoomooza mu bulamu nti kubanga amaanyi tegalya, singa abantu bawaatisa mbazzi.





Ekyokukola 2:

Okuwandiika

Mu bubinja,

Muwandiike nga munnyonnyola

- a) Bye mulowooza ebyavaako abayizi okweyisa nga bwe boogeddwaako mu kitundu.
- b) Akeediimo akoogerwako mu kitundu ekika mwe kagwa. Muwe ensonga lwaki..
- c) Kiki omukulu w'essomero ky'ataakola kye yandikoze okutangira abayizi okutuuka okwekyawa.
- d) Mukubaganye ebirwoozo ku ngeri abayizi gye bayinza okulagamu obutali bumativu bwabwe ku bibanyigiriza
- e) Mulage ensonga eziyinza okuviirako abayizi okulaga obutali bumativu bwabwe ezitalagiddwa mu kitundu ekyo



Ekyokukola 3:

Okwogera

Okuwandiika okwogera (Speech):

Mu kitundu kye tulabye waggulu, tulabye ng'omukulu w'essomero ayita olukunjaana lw'abayizi ayogereko nabo ku nsonga ezaali zibaluma. Mu lukunjaana olwo omukulembeze w'abayizi ye yasooka okwogera, tumuyigirako ebintu ebikulu omuntu by'agoberera ng'ayogera eri abantu.

Mu bibinja ,

Munnyonyole ebintu ebikulu omuntu by'alina okugoberera ng'ayogera eri abantu abangi. Ensonga zammwe muzeesigamye ku kwogera kw'omukulembeze w'abayizi mu kitundu ekisomeddwa

Ekyokukola ekiwumbawumba essula

Minisita avunanyizibwa ku by'enjigiriza n'emizanyo akyaddeko ku ssomero lyammwe, era bakulonze oyogereko eri bayizi banno ku birungi ebiri mu kugoberera amateeka n'ebiragiro mu ssomero. Wandika okwogera kwo.

Ebinaakuyamba,

Weebuuzze ku basomesa n'abantu abalala abakulu mu kitundu. Osobola n'okweyambisa omutimbagano.

3. Ebifo eby'olukale



Ebigambo ebikulu

- Buduuka
- Dduuka
- Ddwaliro
- Ebifo eby'olukale
- Katale
- Kibuga/kabuga
- Kkanisa/Kereziya/
Ssinzizo
- Maguzi
- Mmaapu
- Muguzi
- Mutunzi
- Muzikiti
- Obubonero n'ebirango
- Obuguzi
- Okulamuzi
- Omuwendo

Ebirubilirwa

Oluvannyuma lw'essula eno ojjakuba osobola:

- a) Okunnyonyola ebifo eby'olukale kye ki.
- b) Okuzuula ebifo eby'olukale eby'enjawulo.
- c) Okunnyonyola emirimu egy'enjawulo egikolebwa mu bifo eby'olukale eby'enjawulo ng'okozesa ebigambo ebituufu ebigendera ku mirimu egyo.
- d) Okuwandiika embooji enyumizibwa wakati w'abantu babiri.
- e) Okukozesa ebiseera mu butuufu bwabyo.
- f) Okuzuula n'okumanya ennyambala ey'enjawulo esaanidde ebifo eby'olukale eby'enjawulo.
- g) Okunnyonyola ebibaawo mu bifo eby'olukale.
- h) Okukozesa olulimi olusikiriza abaguzi olusaanidde.

Obudde bwonna bwe tuva eka okubaako we tulaga, twandimaliriza nga tusibidde mu bifo by'abantu abangi. Kino kiri bwekiti kubanga ebintu bye tukola mu bulamu bwaffe ebisinga bitwetaagisa okukwatagana n'abantu abalala mu bitundu byaffe mu ngeri emu oba endala.

Ekifo kyonna nga kirimu abantu bangi abasobola okutulaba n'okutuwulira kiba kya lukale.


Ebifo eby'olukale bingi nnyo naye kankuweeyo bino wammanga; amasomero/obutale/amasinzizo n'ebirala.



Ekyokukola 1: Okusoma n'okwogera.

Weekenneenye maapu eyo wammanga, oddemu ebibuuzo ebigenderako:

3.1: Ebifo eby'olukale mu kitundu kyange



Ng'omaze okwetegereza maapu eyo waggulu,

1. Nokolayo ebifo eby'olukale ebiragiddwa ku mmaapu eyo.
2. Nnyonnyola emirimu egikolebwa mu bifo eby'olukale byozudde mu (1.) waggulu



Ekyokukola 2: Okusoma n'okuwandiika

Soma ekitundu ekikuweereddwa oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebigenderako.

Toomusange asooka okukyalako e Kampala

Toomusange yali mulenzi omulungi omubalagavu ng'abeera ku kyalo Ndibulungi mu ssaza ly'e Bulemeezi. Yakulira ku kyalo ekifirika ddala nga buli kintu kiri mu butonde bwakyo. Ekimu ku bintu bye yakolanga nga bukedde ku makya kwe kukima amazzi ku luzzi ekyalo kyonna kwe kyakimanga. Olwo yaddukanga za mbwa agende ku ssomero asange ng'okusoma tekunnatandika.

Mu luguudo ng'agenda ku ssomero, yabanga mwegendereza ng'owamayuuga ayita ku lutindo atere yeewale obubenje okuva eri abakozesa oluguudo ng'abapikipiki n'aboobugaali.



Toomusange yeesunganga nnyo enkomerero ya ssabbiiti anti mweyakoleranga ebyasinganga okumunyumira mu bulamu ng'okuzannya omupiira.

Toomusange nga takwata ggoolo aleruka mu ttiimu y'ekyalo. Ekisaawe kino kyali mu luggya lw'ekitebe ky'eggombolola.

Ku lwa Wangu yagendanga mu kkanisa okwegayirira Katonda gyeyanyumirirwanga eby'ensusso obubaka obuzzaamu amaanyi okuva eri ababuulizi. Yayagala nnyo abakebezi abamwanirizanga n'akamwenyumwenyu ku matama.

Ebibuuzo ebimutwala mu kibiina ekyokubiri yabikubira waggulu era yali omu ku bayizi abataano abaasinga mu kibiina kye. Ng'ekirabo eky'okumwebaza okukola obulungi, mwannyina omukulu Nnamulondo eyali akolera e Kampala yamugamba okumutwala awummulireko ewuwe. Kino Toomusange yakiraba ng'ekirooto mu bulamu bwe kuba yali tagendangako Kampala.


Oluwummula olwatandika, Nnamulondo n'amukima. Olw'okuba baali bakukozesa ntambula yalukale, baagenda bbaasi wezisimba batere bakwate edda e Kampala. Toomusange yagamba mwannyina ekyamusesa nti ye teyalina nsimbi za ntambula. Yamusekerera kubanga yajja yeetegese okumulabirira mu buli kimu nga kwasobola.



Nga tebannalinnya bbaasi , Toomusange yayagala agendeko emmanju yeeteewuluzeeke era nebamulagirira kaabuyonjo ez'olukale ezaali awo awalinnyirwa bbaasi.

Yakomawo ng'ennyindo y'enkata olw'okuba baali bamusasuzza okweyambisa kaabuyonjo. Akasente ke yeeterekera etere agulemu obuntu obulungi ng'atuuse e Kampala ,yakamalira ku kaabuyonjo mu ppaaka ya bbaasi. Baasitula ne boolekera Kampala gyebaatuuka obulungi.

Ng'ali ewa mwannyina, Toomusange yamuyambangako okugula emmere n'ebyetaago ebirala mu maka okuva mu buduuka obuliraanyewo.



Yali alamuza bulungi era yaleetanga ebintu bingi ewaka okusinga mwannyina bye yaleetanga ng'akozesezza ensimbi ze zimu. Oumu yawerekeranga Nnamulondo mu ddwaliro ng'agenze okunywa eddagala anti yali lubuto. Emirundi ebiri gye yakyalako mu kkakkalabizo lya Nnamulondo, yalyagala nnyo kubanga lyalimu okunnyogoga n'okubuguma okugerebwa ebyuma, n'embeera yonna nga nnungi ewa omuntu emirembe. Bwe yadda ku kyalo ky'ewaabwe ng'oluwummula luweddeko, Toomusange yakola nnyo naye abeeko nga mwannyina Nnamulondo bw'ali.



Ekyokukola 2: Okuwandiika n'okusoma

1. Nokolayo ebifo eby'olukale okuva mu kitundu ky'osomye waggulu.
2. Menya ebigambo ebikozesebwa mu bifo eby'olukale eby'enjawulo mwokka.
3. Kolayo ssentensi eziwera ng'okozesa ebigambo by'ozudde mu kibuzo ekyokubiri waggulu.

3.2: Okugula n'okutunda



Ekimu ku bintu ebikolebwa abantu buli kakedde kwekugula n'okutunda ebyamaguzi n'obuweereza. Bw'otuukako mu maka oba mu masomero gaffe, okizuula mangu nti ebintu bingi ebirimu bigulwa bugulwa. Bwe tugenda mu bifo eby'olukale ng'amalwaliro, amasomero, ebirabo by'emmere/wooteri tuweebwa obuweereza ng'okugabulwa emmere, okusuzibwa, okujjanjabibwa n'okusomesebwa nga tusasudde ensimbi/omuwendo. Ebintu byetugula nga birabika era nga tusobola okubikozesa bye tuyita ebyamaguzi. Ebintu bye tugula nga tetusobola kubiraba oba okubikwatako ng'okusoma, okusuzibwa mu wooteeri n'obujjanjabi bye tuyita obuweereza.

Abantu bulijjo bagula ebintu ku muwendo gwe bakkiriziganyizzaako era gwe basobola. Abantunzi nabo bulijjo baba n'omuwendo gwe baagala okutundirako ebyabwe. Omuwendo gw'abatunzi kwe batundira bwe guba tegukwatagana na gw'abaguzi kwe bagulira enjuyi zombi zirina okukkiriziganya ku muwendo ogutaabanyigirize bombi oba omu ku bo. Ekikolwa eky'okuzuula omuwendo ogukkiriziganyiziddwako kiyitibwa kulamuza.



Ekyokukola 1: Okwogera n'okuwuliriza

Mubibinja

1. Muzannye akazannyo nga kalimu okulamuza okugula n'okutunda mu katale.
2. Munokoleeyo ebigambo ebisaanidde okukozesebwa mu kicolwa eky'okulamuza.




Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza

Weekenneenye ebifaananyi bino wammanga

1.



2.




3.



4.



5.



1. Mu buli kifaananyi laga abantu aboogerezeganya
2. Muzannye akazannyo nga mugeegeenya abamu ku bantu abali mu bifaananyi ebyo ebikuweereddwa waggulu.



Ekyokukola 3: Okusoma n'okuwuliriza

Weekenneenye okwogerezeganya kuno wammanga wakati w'omuguzi n'omutunzi



Ssebuguzi : Nnyabo tukwanirizza.Tukuyambe tutya nnyabo?

Ndagire : Njagala kiteeteeyi ekintuuka obulungi. Njagala kimyufu oba kyabbulu.

Ssebuguzi : Langi zombi nzirina. Leka mbireete olabeko ogeraageranye.

Ndagire : Wewaawo.ekyo kijja kumpa omukisa okusalawo nga nneerowoozezza bulungi. Ekya bbulu bwakitankolera bulungi nga ntwala ekimyufu. (omutunzi amuwa ebiteeteeyi). Ee!Ekimyufu kigula ssente mmeka?

Ssebuguzi : Kigula emitwalo esatu.


Ndagire : Ezo kwokoma?

Ssebuguzi : Nedda, kale leeta emitwalo ebiri kakaaga.

Ndagire : Nnina emitwalo ebiri gyokka.

Ssubuguzi : Kale sasula okitwale.

Ndagire : Weebale nnyo ssebo.(amusasula). weeraba.



Ekyokukola 4:


Okuwandiika

1. Kitwale ng'oli muyizi mulenzi mu kisulo, mwannyoko n'akukubira essimu okuva eka. Wandika embooji yammwe nga buli omu alina eby'okuddamu mukaaga mukaaga

3.3: Ebiseera

Ebiseera kintu kikulu nnyo mu bulamu bwaffe obwabulijjo. Bwe tukola ebintu, okulagaanya abalala oba okubaako kye twogera byonna tubijurizaako ebiseera. Ebikolebwa bwe biteesigamizibwa ku budde, tebiba na makulu. Okuwandiika tekuba na mirandira so nga n'okwogera tekuba na makulu. Okusobola okutegeerekeka obulungi nga twogerezeganya ebikolwa bye tweyambisa mu mbooji birina okulaga ebiseera.

Buli kikulwa kyetukozesa mu mbooji kiteekwa okutulaga ebiseera mwekikolerwa. Ebiseera bitambulira kubikolwa.



Ekyokukola 1: Okusoma

Soma ekitundu kino wammanga, n’oluvanyuma oddemu ebibuuzo.

Buyise ayingira mu ssomero eppya

Amannya gange nze Buyise Yozefiina Ssaaloomu. Mbadde nsomera mu Wisdom Secondary School mu ssaza lya Kabaka ery’e Kyaddondo. Bwe nnali neegatta ku ssomero lino neeralikirira nga ndowooza obulamu bujja kunkaluubirira nnyo naye we njogerera bino ndi bulungi, ndi musanyufu era nnyumirwa essomero okufa obufi!

Essomero lino lyakitalo era lyegombebwa buli omu kuba abantu baamu balina omukwano n’okufa ku balala. Buli muyizi aweebwa omusomesa amuvunaanyizibwako obutereevu ng’omuzadde we. Era bano bayitibwa bazadde mu ssomero lino. Kino kitegeeza nti n’abaafiirwa bazadde baabwe tebakyali bamulekwa olwokuba beefunira abazadde mu ssomero.

Ekirala ekyanjagaza essomero lino kiri nti, bwe twali twakatuuka twasisinkana omukulu w’essomero. Mu bingi bye yayogera, yatugamba nti omuyizi yenna asinga banne mu lusoma olusembayo aliweebwa ekirabo kya bukadde bubiri bwe ddu!. Kino kyatusanyusa nnyo era buli muyizi yavaawo awera okutwala ekirabo ekyo. Nga tunaawummulanga enkeera, twasulanga tutunula nga twesunga obuwanguzi.

Omukulu w’essomero yalinga wa mazima era abayizi abanywanga mu bannaabwe akendo nga bafuna ebirabo byabwe. Kyatuzzangamu nnyo amanyi okufuba okulaba nga tutuuka ku buwanguzi obwo. Nze kamwa koogera ekirabo ekyo nakiwangula omulundi gumu gwokka naye sikutendera ssanyu lye narina mu kaseera ako.

Essomero lino lyansangula amaziga ne limpa essanyu. Njagala essomero lyange, abasomesa bange ne bayizi bannange. Teririna njawulo na waka.

Ekiriwo	Ekiyise	Ekyayise	Ekyayita	Ekirijja	Ekyirijja
Nkola					
Olya					
Asoma					
Tuyiimba					
Mutunda					
Bagula					



Ekyokukola 2:

Okwogera n'okuwandiika

Mu bibinja,

1. Nokolayo ebiseera eby'enjawulo n'obubonero bwabyo ng'obiggya mu kitundu ky'osomye.
2. Lodayo ebikolwa bisatu okuva mu kitundu ky'osomye obikozese okuwandiika ssentensi nga weeyambisa ebiseera bino:

(i) Ekiseera ekiriwo

(ii) Ekiseera ekyayita

(iii) Ekiseera ekijja /ekinajja

3.4: Ebikolebwa mu bifo eby'olukale

Ennyanjula


Ebifo eby'olukale eby'enjawulo birina emirimu egy'enjawu egibikolebwamu abantu ab'enjawulo. Tulina ebifo eby'olukale ng'amasomero, obutale, amalwaliro n'ebirala.

Mu ssomero mubaamu kuyigiriza na kuyiga. Mu katale mubaamu kutunda n'akugula So nga mu kirabo ky'emmere mubaamu okufumba n'okugabula emmere.


1.



2



3



4



5



6



3.5: Amalwaliro

Kya bulijjo abantu okulwala n'olw'ekyo beetaaga okuyambibwa. Abamu bejjanjaba ate abalala baddukira mu ddwaliro. Mu nkola ey'edda omuntu bwe yalwalanga oba okufuna okusoomoozebwa kwonna mu by'obulamu, yaddukiranga ewomuganga n'amufunira eddagala erimuvumula. Oli bweyalwalanga nga bamunogera eddagala okuva ku miti egy'enjawulo, ng'oluusi balifumba nga bawa omulwadde era ng'awona. Ennaku zino okunoga eddala eryo elyekinnansi kizibu y'ensonga lwaki abantu baddukira mu malwaliro okuyambibwa.

Olwaleero tulina amalwaliro kumpi buli wantu nga gasengekeddwa mu bita eby'enjawulo. Abatuuze ku kyalo balina we baddukira. Tulina obulwaliro ku muluka, ku ggombolola, ku disitulikiti ne Mulago ewasindikibwa ab'olwalwadde abulemye. Obulwadde bwe bugaana okuwona ng'omulwadde awarezebwa Mulago awali badakitaali n'abasawo abakugu okusingako wamu n'ebyuma eby'omulembe ebikozesebwa okulwanyisa endwadde enzibu. Mulago lye ddwaliro abantu abalina ebisago n'abalwadde ennyo gyebatwalibwa okufuna obujjanjabi n'okubudaabudibwa.



Ekyokukola 1:

Okuwuliriza n'okwogera

Emboozi ku ssimu wakati w'omuyizi n'omusawo

Omulwadde : Musawo, wasuze otya ssebo?

Omusawo: Ssebo nasuze bulungi! Nkuyambe ntya munnange?

Omulwadde : Nnumizibwa omusujja era nneetaaga obuyambi bwo.

Omusawo: Oli luddawa? Era okakasa otya nti olumizibwa musujja?

Omulwadde : Ndi ku ddwaliro nkulinze . nnina obubonero bw'omusujja. Ntanaka, nnumizibwa omutwe ogutasalako n'ebbugumu eringi mu mubiri.

Omusawo : Omaze bbanga ki ng'owulira bw'otyo?

Omulwadde : Luno olunaku lwa kusatu.

Omusawo : Lwaki walwawo okujja mu ddwaliro?

Omulwadde : Nnali ndowooza nti ssennyiga busennyiga naye ekivuddemu kunkubira ddala wansi.

Omusawo : Ngumiikirizaamu eddakiika . Teweeraliikirira ojja kuba bulungi.

Omulwadde : Ntudde wono okuliraana ekkakkalabizo lyo nnyambadde ngoye za ssomero.

Omusawo : Weewawo,nja kukulaba bwe nnaatuukawo.



Ekyokukola 2: Okuwandiika n'okusoma

1. Nokolayo obantu basatu abasangibwa mu ddwaliro owe n'emirimu gyabwe.
2. Weekenneenye ebifananyi ebikuweereddwa mu lukangaga luno wammanga era obiwe amaanya gabyo.


Akasanduuke k'obujjanjabi obusookerwako	
Ekyuma ekiwuliriza enkuba y'omutima	
Ekyuma ekikebera mu mubiri munda	
Akapima ebbugumu mu mubiri	
Minzaani	
Enkampa ezikozesebwa abasawo	
Empiso	
Akatanda okutwalirwa abalwadde	



Ekyokukola 3: Okuwandiika

1. Mu bibinja bya bana bana muwandiike sentensi nga mweyambisa ebigambo bino wammanga.
 - (i) Omusawo
 - (ii) Mulwadde
 - (iii) Ebbugumu
 - (iv) Okutanaka

3.6: Obukugu mu kutundu, okugula n'okunoonya akatale.





Ekyokukola 1: Okusoma.

Soma ekitundu ekikuweereddwa wammanga

Engatto Ekula

Okuguza omuntu ekintu kyatasuliridde kugula oba yadde okuba nti akirowoozaako kintu kizibu nnyo ekyetaagisa obukugu oboolyawo n'obukujjukujju

Kizibu nnyo okusanga omuntu atunda ekyamaguzi nga y'akirina yekka! Ebbanga lyonna buli ekyamaguzi ekitundibwa kiba kitundibwa abantu abawerako. Kino kiba kitegeeza nti, asinga okumatiza omuguzi y'atunda oba y'akola ng'enjogera y'ennaku zino..Embeera eyo ye yavaako n; obutembeeyi okugunjibwawo. Anti ng'abantu banoonya okutuusa obuweereza bwaabwe eri abantu baabwe. Baakizuula nti okutuula mu dduuka n'olinda omuguzi akusange awo, ate nga mu kiseera kye kimu ne gw'ovuganya naye mutundira awantu we wamu w'atudde oba tokola.

Waliwo n'ekiseera ekyali ekyokuleekanira abaguzi. Abavubuka mu bibuga baayiya ne baatandika okuleekaana nga babaguliza ku baguzi bajje balonde bye baagala. Kino okusinga kyakolanga nnyo ku batunda engoye enkadde. Bano nabo baagenda okulaba ng'emimiro gijula okubabanduka olw'okuleekaana. Omu ku bo kye yakola n'ayiya kya kukozesa kizindaalo ekireekaana nga mwayogerera banne ne basigala kumunyeenyeza mitwe ng'embuzi etenda enkuba.

Omulala bwe yalaba guli gutyo, ate ye n'ayiya ekirala. Ye kye yakola n'ayiya kya kwekwata ddoobozi ku katambi nga kateeka mu muzindaalo ne lyogera nga bwe lyeddamu awatali kusirisa Kale olabye obuyiia obuli awo!

Naye obuyiia obukyasinzze okunkwata omubabiro bwe bw'engatto ekula. Ani yali akirowoozezzako nti engatto gy'oyambala eyinza okukula? Tolaba nga naawe okyewunyizza! .Naye tewewunya munnange gyekiri!. Ennaku ezo mba ndi ku mutimbagano okwo nga ndaba ekirango nti, waliwo bannaffe abakola engatto ekula, babayita "The shoe that grows-because International". Engatto yaabwe ekula n'oyo agyambala okumalira ddala emyaka etaano. Kati bwe kiba nti nsobla okumala emyaka gyange etaano nga sizzeemu kulowooza ku bya ngatto lwaki mba seegulira ngatto nga eyo?

Kati mmanyi siri nzekka, munnaaffe oyo ow'engatto ekula ateeke okuba ng'abamumanyi bangi era ye kati abaguzi be bamunoonya. Naawe nno bw'oba olina ky'otunda yiya nnyo olabe ng'akatale okeefuga!



Ekyokukola 2: Okuwandiika


Mu bibinja, munokoleeyo ebintu ebyenjawulo ebikolebwa okusikiriza abaguzi okusinziira ku kitundu.



Ekyokukola 2: Okusoma

Soma ekirango ky'ebyamaguzi ekikuweereddwa wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikigenderako

Ekirabo ky'emmere eky'enjawulo






Ekyokukola 3:

Okuwandiika n'okwogera

1. Mu bibinja bya bana bana, mukubaganye ebirowoozo ku migaso gy'ekirabo ky'emmere
2. Mukubaganye ebirowoozo ku buweereza ekirabo ky'emmere ekyenjawulo bwekiwa abaguzi baakyo.
3. Mu bibinja mukubaganye ebirowoozo ku ebintu ebikulu by'oteekeddwa okulowoozaako ng'onaggulawo ekirabo ky'emmere ekipya.
4. Muwandiike ekirango nga mulaga ekirabo ky'emere ya Maama Luwombo.



Ekyokukola 4:

Okuwandiika

1. Maamawo alina ssaluuni era ayagala okusikiriza abantu okujja abakole enviiri. Wandika ekirango ky'ebyamaguzi ng'olaga saaluuni ye.
2. Mu bibinja bya bana banab mukubaganye ebirowoozo ku migaso gya saaluuni.



Ekyokukola 5:

Okusoma n'okuwandiika

Mu bibinja, mwekennenyebibuuze by'obunoonyereza wammanga n'oluvannyuma muddemu ebibuuze ebigenderako



Ebibuuze ku mutindo gw'obuweereza mu katala

1. Erinnya _____ musajja/mukazi
2. Ekifo wobeera _____
3. Erinnya ly'akatala _____
4. Akatala okaagala? Ye Nedda


5. Lwaki okaagala/tokaagala?
6. Byamaguzi ki ebitundibwamu?
(Waayo wakiri kkumi.)
7. Kusoomoozebwa ki kw'osanga mu katale ako?
8. Waayo engeri ez'enjawulo ezisobola okutumbula obuweereza mu katale n'abaguzi bamatire.



3.7: Ennyambala esaanidde okusinziira ku bifo by'olukale eby'enjawulo

Ekyokukola 1: Okusoma

1. Mu bibinja mulage emiriimu abantu bano gye bakola.





2. Muleeteeyo ennyambala y'omuntu akola omulimu gw'ekikugu etalagiddwa era munnyonnyole omuntu oyo bwayambala.

3.8: Obukuubagano mu bifo eby'olukale

Nga tufundikira essuula eno, kati tulina okukimanya nti ebifo eby'olukale bikunjaanirwamu abantu bangi nnyo ab'enjawulo. Kino kitegeeza nti abantu abo beeyisa mu ngeri za njawulo.

Abamu bagumiikiriza era ba mpisa So ng'abalala si bagumiikiriza ate ba kasunguyira. Kino kivaako obukuubagano mu bantu. Obukuubagano buno mubaamu obw'okuyomba obuyombi nemubaamu n'okwekubira ddala empi oba ebikonde.



Ekyokukola 1: Okusoma

N'obwegendereza soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikigenderako.

Kaswa awona okwokebwa

Kaswa ne mukyalawe baali bafuuse mmo okubbanga embuzi z'abantu. Abatuuze ku kyalo baalumwanga mu mitima olw'embuzi zaabwe ezabbibwanga buli lukedde. Waaliwo n'omukazi omukadde eyabbibwako embuzi ng'ate yalina bingi bye yali azisuubiramu. Ku olwo mukazi wattu embuzi ze bazibaaga kiro ne batwala ennyama era ne bamulekera akabaluwa nga bamutegeeza nti ebyenda abirye kuba birungi tebirina mutawaana.

Abantu baali beenyiye ababbi bano bakaggwensonyi ekyawaliriza ssentebe w'ekyalo okuyita olukiiko lw'ekyalo ekiro bafune ekyokukolera ekizibu kino. Olukiiko nga terunnaggwa embuzi za ssentebe nnya ne zibbibwa. Mu kaseera ako yasituka alabe oba ddala embuzi ze bazibbye nga kituufu ab'engalo empanvu baazitutte dda tazikubako kya mulubaale!

Ssentebe yafuna akatebe n'atuula awo mu muyembe. Nga tannabugumyawo na mbooge, omulenzi okuva ewa muliranwa we n'atuuka.

Omulenzi yamugamba nti alabye omusajja omuwanvu ng'olusolobyo ng'adduka n'embuzi nnya.

Ssentebe yabuuza omulenzi engeri gy'alabyemu omusajja oyo ng'adduka, omulenzi n'amugamba nti ye ne nnyina babadde baganzeeko mmanju ne balyoka balaba omubbi w'embuzi. Ssentebe yaddako katonno mu nju. Yafuluma n'agenda era tewali yamanya gye yalaga.

Abatuuze bulijjo baalinawo abafumbo be bateebereza era ssentebe bweyava gye yali agenze yagenda butereevu n’olukiiko lwe mu maka ga Kabbira n’amubuuza akana n’akataano. Mukyala Kabbira yali yatandise dda okufumba ennyama era nga n’akawoowo okawulirira eno mu luggya. Kabbira yali awanika ati amaliba omu ku bakiise ku lukiiiko lw’ekyalo namusikambula omukono gwe be kwa! Kabbira bweyalaba ssentebe n’olukiiko lwe lwonna yeekanga nnyo n’akirako akanyonyi akali mu ngalo. Yagezaako okwemulula amalemu omusulo naye teyasobola.



Bwe yakwatibwa ssentebe n’amulagira nti, ‘situlawo mangu amaliba ago tugende.’

Kabbira yayogeranga yeekangabiriza nti, “Ssentebe nkoze ki? Siri mubbi.” Mu kwogera ebyo yali alimba. Ssentebe yalagira omu ku bakiise ku lukiiiko lw’ekyalo ayingire mu ffumbiro aggyeyo akasaka akaalimu ennyama ng’etokota.

Mu kulumwa n’obusungu obungi ssentebe yalagira Kabbira asitule ensaka y’ennyama agitikke mukaziwe.

Ye musajja yalagirwa okwetikka amaliba olwo n’atandika okubatambuza ekyalo kyonna. Kyali kya buswavu era ekitakkirizikika eri Kabbira ne mukyalawe. Ensaka omukazi yamuli ku mutwe ng’enyooka ne nkulabira obuswavu!




Bwe baatuuka mu buduuka baasimba Kabbira ne mukyala we mu lujjudde ne babaatuukiriza ku kizindaalo ng’ababbi ababadde batigomya ekyalo kyonna. Ekibinja ky’abantu kyanyiiga ne kyagala okubookya omuliro. Ssentebe yasitukiramu n’ab’olukiiko lwe ne bataasa Kabbira ne mukaziwe abantu baleme kubookya naye abantu beewagaanya nebayitawo ne bagwa ku Kabbira ne mukazwe Ndeeridde nebabayiimu empi nga ziizo. Abafumbo bano banyakulwawo mangu ddala nebatwalibwa ku poliisi.



Ekyokukola 2: Okuwandiika n'okwogera

1. Mu bibinja byammwe , mukolere wamu okufuna ebyokuyiga okuva mu kitundu.
2. Mu bibinja bya bana bana, mukubaganye ebirowoozo ku ngeri y'okulwanyisa obubbi ku kyalo



Ekyokukola 3: Okuwandiika

Wandiika emboozi ya bigambo nga 150 ng'onnyonnyola ekintu ekyagwawo ng'olaba mu kifo eky'olukale oba ekyali kiguddewo omuntu omulala n'akikunyumiza.

Ekyokukola ekiwumbawumba essuula:

Kukubaganya ebirowoozo

Essomero lyo liteeseteese empaka ng'ennyumba zammwe zikukubaganya ebirowoozo ku mutwe ogugamba nti:

Abaweereza abantu bonna bateekwa okuba n'engoye z'omulimu ezisaanidde.

Kitwale ng'ennyumbayo ewagira omutwe ogwo waggulu. Wandika by'onoyogera ku mutwe ogwo.

Ebyokweyambisa

Okunoonyereza ku bifo eby'olukale, ennyambala esaanidde n'obukulu bwayo mu bantu musobole n'okweyambisa omutimbagano.

4. Emikolo gy'okutuuma amannya



Ebigambo ebikulu

- Akiika
- Amannya
- Ebikolwa
- Emikolo
- Empisa
- Ennyimba
- Okubatiza
- Okubbula
- Akalira
- Okubbula
- Enkejje
- Emogola
- Akatiko akabaala

Ebirubilirwa

Oluvannyuma lw'essula eno ojja kuba osobola:

- a) Okunnyonnyola engeri abantu gye bafunamu amannya nga bayita mu ntuma y'amannya ey'obuwangwa bw'Abaganda wamu n'ey'ekizungu.
- b) Okumanya obulombolombo / ebintu ebigobererwa mu kutuuma amannya n'obukulu bw'abyo.
- c) Okutegeera engeri ebikolwa n'amannya gyebizimbibwamu.
- d) Okulaga obukulu bw'erinnya eri oyo gwe balituumye.
- e) Okulaga ennyimba eziyimbibwa ku mikolo gy'okutuuma amannya.
- f) Okukozesa ebimu ku bigambo oba plulimi ebyeyambisibwa mu mikolo gy'okutuuma amannya

4.1: Entuuma y'amannya ey'ekinnansi

Kizibu nnyo okusanga omuntu oba ekintu ekitalina linnya. Omuntu yenna bwayita erinnya lyo, omagamaga okulaba eddoboozi eryo gye livudde. Erinnya lyawula omuntu omu ku mulala. Ebiseera ebimu tusobola okumanya ensonga eyaviirako omuntu okutuumibwa erinnya eryo lyaba alina / ayitibwa. Ekigendererwa ky'essuula eno kwe kukuyamba okutegeera embeera eziviirako abantu okutuumibwa amannya, amannya ago kyegategeeza, wamu n'obukulu bwago.



Ekyokukola 1: Okusoma

Mu bibinja, musome ekitundu ekibaweereddwa wammanga n'oluvannyuma muddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Okutuuma amannya mu Buganda



Njala, mwana wa bulenzi ali mu myaka gya kivubuka, abeera ne jjajjaawe ku kyalo Kawunga mu ssaza ly'e Buddu . yatuumibwa erinnya eryo oluvannyuma lw'enjala ggw'omuwadde akatebe eyagwa mu kitundu ekyo nnyina weyabeerera olubuto. Njala lye limu ku mannya agatuumibwa abaana okusinziira ku mbeera eba eriwo mu kiseera ekyo.

Amannya amalala gatuumibwa kusinziira ku kika omwana ky'aba azaalibwamu.

Abantu abamu batuuma abaana baabwe amannya nga basinziira ku bantu abalala ababa beekoredde erinnya mu nsi. Okugeza, Nelson Mandela.



Gino wammanga gyegimu ku miziro gy'ebika mu Buganda



Ekyokukola 2:

Okuwandiika



Mubibinja;

- Nnyonnyola engeri ez'enjawulo eziviirako abantu okutumibwa amannya
- Gabana ne banno ku makulu agali mu linnya lyo.
- Nnyonnyola ku mbeera eziviirako omuntu okutumwa erinnya.
- Wandiika ku mannya ge wandyagadde okutuuma abaana bo.
- Wandiika amannya ataano(5) agatumibwa abaana abalenzi mu kika kyo

4.2: Okutuuma amannya mu ddiini engwira

Okubatiza mukolo ogukolebwa enzikiriza z'ekizungu ezisinga obungi ng'omwana awongebwayo eri Katonda .omukolo guno guyitibwa Akiika mu nzikiriza y'ekisiraamu. Mu ssomo lino ojja kuyiga entuuma y'amannya mu ngeri y'ekizungu.



Ekyokukola 1:

Okusoma

Nga mukola babiri babiri oba mu bubinja obutonotono musome ekitundu kino wammanga

Muto wange Gaabulyeri yazaalibwa ku lusooka lw'omwaka gwa nkumi bbiri mu kkumi na mwenda (2019). Essanyu lyonna ery'okwaniriza omwaka omuggya twaliteeka ku ye. Nga wayiseewo omwezi gumu, bazadde bange baamutegekera omukolo gw'okumubatiza. Kojja Sam ne Ssenga Sarah be baali abayima be. Eggulo limu mmange yagulira Gaabulyeri ekiteeteeyi ekyeru nga kitukula ng'omuzira kye yayambala ku mukolo gw'okumubatiza. Yagulayo n'omusubbaawa ogwakozezebwa mu kkanisa ku olwo. Abamu ku booluganda n'emikwano nabo tebaalutumira mwana.




Nga tuli mu kusaba , omwawule Isaac Kyewaalabye yakwata mu mazzi g'omukisa n'akola akabonero k'omusaalaba mu kyenya kya Gaabulyeri n'amubatiza mu linnya lya Kitaffe, ery'Omwana n'erya Mwoyo mutuukirivu .

Yamumansira n'amazzi ku mu biri gwe. Eky'okukozesa amazzi g'omukisa kwekutukuza omwana okumuggyako ekibi ekisikire n'azaalibwa buggya.

Taata yakoleeza omusubbaawa n'aguwa Gaabulyeri, nga kano ke kabonero akalaga nti ayingiziddwa mu kisibo kya Katonda, awali ekitangaala eky'olubeerera.

Bwe twava mu ssinzizo twayolekera mu bifaananyi ng'akabonero ak'okujjukira omukolo ogwo. Ng'ebifaananyi biwedde twayolekera mu maka ga bakadde bange awaali wategekeddwa ekijulo makekeke. Twalya ne tunywa ne tusindisa n'ebigere!

Ku lunaku lwe lumu, mu maka mukwano gwange Farida mwazaalibwa, nabo baali mu keetalo ke kamu, anti mwannyina Shaffiq baali bamukolera omukolo ogw'Akiika. Yanjamba nti baamusalira embuzi bbiri nnamba nga kano ke kabonero akalaga okwebaza n'okumugobako emyoyo emibi gyonna n'okumuwongayo eri Katonda. Abakadde b'obuyisiraamu baatuuma omwana erinnya era ne bamuwonga eri Katonda. Baamusabira emikisa era ne bakadde be ne babakolera bwe batyo.



Ekyokukola 2:

Okuwandiika

1. Ekitundu ky'osomye kikwata ku ki?
2. Mu bibinja, mukozese ebigambo bino mu sentensi"

- a) Omuyima omukyala
 - b) Okutukuza
 - c) Akiika
 - d) Ekibi ekisikire
 - e) Omuyima omwami
 - f) Akabonero k'Omusaalaba
 - g) Okumansira amazzi g'omukisa.
 - h) Obwakabaka bwa Katonda.
 - i) Okusaba / okusoma mmisa.
 - j) Omukolo
3. Ebintu bino wammanga birina makulu ki mu mikolo gy'osomyeko mu kitundu waggulu?
 - Ekiteeteeyi ekyeru
 - Omusubbaawa.
 - Okutta embuzi
 - Amazzi g'omukisa
 4. Mu bubinja obutonotono, muwandiike amannya ataano ag'ekizungu gemwandyagadde okutuuma abaana bammwe:

4.3: Obukulu bw'obulombolombo obugobererwa mu kutuuma amannya n'okwalula abaana

Mu ssuula eno ojja kuyiga obulombolombo obugobererwa mu mikolo gy'okwalula abaana mu Buganda n'engeri ezigendera ku mukolo ogwo.



Ekyokukola 1: Okusoma

Mu bibinja, musome ekitundu kino wammanga:

Okwalula abaana mu Buganda

Buli muntu alina erinnya eryamutumibwa okusinzira ku bintu eby'enjawulo era nga si mpisa ya buntubulamu okuba ng'oyita omuntu n'ogamba nti, 'gundi'. Omukolo gw'okwalula abaana mukolo mukulu nnyo mu by'obuwangwa bw'Abaganda anti wano abaana webafunira amannya ag'obwalule.

Okwalula abaana gwe gumu ku mikolo emikulu ennyo wano mu Buganda.

Omwana mwakakasibwa mu kika. Guyinza okukolebwa nga gwetengeredde oba ne gukolebwa eggulolimu ng'enkeera kwekwabya olumbe .

Ebimu ku bintu ebirina okubeerawo mu kwalula abaana bye bino wammanga; empogola, enkejje, ekibbo, amazzi/omwenge/ amata, akatiko akabaala, obulira bw'abaana abagenda okwalulwa n'ekijjulo. Abaana bwe baaweranga nga sibaalule , nnyinimu mu nju eyo yabakunjaanyanga n'ategeka omukolo gw'okubaalula. Ku lunaku lw'okwalula abaana, abakazi bannannyini baana abagenda okwalulwa bakeera mu lusaalu ne bafunayo omunnyo. Oluusi omunnyo baaguggyanga mu kisenyi. Baayoolangayo ebbumba ebbisi(eritobye) , amazzi agavangamu nga gwe munnyo.

Bafumba ekijjulo okusenziira ku bye baba basobodde naye nga bino tebibulawo; akatiko akabaala, enkejje ensese n'empogola. Abakazi abazaala abaana batuula ku kifugi nga balannamye ng'abaana babatudde ku magulu era nga bakutte obulira bw'abaana baabwe. Akalira k'omwana omuwala kabeera mu mukono ogwa kkono ate ak'omwana omulenzi kabeera mu mukono gwa ddyo. Nnyinimu akoleza abakazi abazaala abaana ko ne jjajjaabwe.



Ng'okulya kuwedde, jaja w'abaana akwata ekibbo n'ateekamu amata/omwenge/amazzi, n'afuna obulira bw'abaana n'abusiiga omuzigo. Bwamala n'asuula mu kibbo, asuulamu kamu kamu. Akalira bwe kadda kungulu kitegeeza omwana nnyiniko wa mu nju eyo ate bwe kabbira kitegeeza nti omwana oyo nnyiniko si wa mu nju eyo.

Ebyo bwe byaggwanga ng'amazzi /omwenge/amata agateekebwa mu kibbo nga bagakozesa okunaaza abaana, agaafikkangawo nga bagayiira abakazi(abazaala abaana).

Buli mwana bamwokera enkejje ne bagimuwa n'alumako. Ekya bwe kiggwa nga bayingira mu nju nga bagenda bayimba. Eyo tebalwayo nga bafuluma. Abakazi abazaala abaana bagenda ne basala essubi ne balisasira mu nju n'etemagana



Ekyokukola 2:

Okuwandiika

1. Mu bibinja ;

- a) Mumenye obulombolombo obwogeddwa mu kitundu.
- b) Munnyonnyole obukulu obuli mu bulombolombo obwogeddwa waggulu.
- c) Amannya gano wammanga ga ngero, muzimalirize nga bwe zoogera mu Luganda.

- **Ssempaka (ennemeremu)**
- **Mbirontno**
- **Zansanze**
- **Kirimuttu**
- **Basajjamivule**
- **Ssekabanja ka mulogo**
- **Kiriggwajjo**
- **Mazzimasabe**

- d) Muleeteeyo amannya amalala ataano (5) ag'engeru agatumibwa abantu ge mumanyi.

4.4: Enzimba y'amannya n'ebikolwa

Mu kibiina ekisooka mwasoma ku mannya g'ebintu ebisangibwa awaka wamu n'emigaso gyabyo mu ssuula eyookubiri. Mu ssomo lino ogenda kuyiga ku nzimba y'amannya n'ebikolwa.



Ekyokukola 1:

Okusoma n'okuwuliriza

Okwogera wakati w'abayizi b'ekibiina ekyokubiri

Kirabo: Olyotya Mirembe.

Mirembe: Ndi bulungi Kirabo. Nga tewajja ku ssomero ku lwa Nagawonye, kiki ekyagwawo?

Kirabo: Twali tugenze mu kyalo ne bazadde bange. Waaliyo omukolo gw'okwalula abaana ogwategekebwa abakulu b'ekika.

Mirembe: Simanyi naawe baakwalula n'ofuna erinnya eddala?

Kirabo: Nedda mukwano, mwannyinaze gwe baayalula era ne bamuwa erinnya eribbule.

Mirembe: Baamubbulamu linnya ki?

Kirabo: Basajjamivule.

Mirembe: Erinnya nga ggwanvu nnyo eryo !litegeeza ki lyo?

Kirabo: Bazadde bange bagamba nti linnya lya lugero oluggwayo nti, 'giwaatula ne giggumiza.' Abazadde bange banjamba nti olugero olwo lutegeeza nti, abantu bayita mu bizibu ebibanafuya mu bulamu ne mu mirimu naye ekyo tekibalobera kugenda mu maaso ne babivvuunuka mu maanyi.'

Mirembe: Nga weesimye, nze sigendangako ku mukolo gwa kwalula baana. Olumu nja kusaba bazadde bange bantwaleyo ko.



Ekyokukola 2:

Okusoma n'okuwandiika

1. Munokoleyo amannya n'ebikolwa ebikozeseddwa mu kwogera okwowaggulu mubijjuze mu lukangaga luno wammanga.

Amannya	Ebikolwa
ssomero	kugenda
omukolo	kwalula

2. Muwandiike ebikolwa ebiva mu mannya ge muwadde mu kibuzo ekisooka.okugeza;

Erinnya	Ekikolwa
ssomero	kusoma

3. Muwandiike amannya okuva mu bikolwa ebiweereddwa mu kibuzo ekisooka waggulu... okugeza.

Ekikolwa	Erinnya
okukola	omukolo

4.5: Obukulu bw'erinnya

Erinnya kiba kigambo oba bigambo ebyawula ekintu oba omuntu ku mulala/balala. Erinnya wano mu Buganda liraga ekika omuntu ky'azaalibwamu. Abantu abawerako nga tebannatuuma baana baabwe mannya basooka kuganoonyerezaako naddala ku makulu agali mu linnya eryo. Amannya gatumibwa okusinziira ku kyokkirizaamu, obuwangwa, abantu abasukkulumye ku balala n'ebintu ebirala. Mu kitundu kino oja kuyiga era ategeere omugaso oguli mu kuba ng'olina erinnya eryo ly'olina.



Ekyokukola 1:

Okusoma

Wekkaanye olukangaga lw'amannya gano wammanga oddemu ebibuuzo ku nkomerero.

1. Lubega	16. Nassolo
2. Lebbeeka	17. Ppokino
3. Jjunju	18. Nnamunswa
4. Kaggo	19. Kyeyune.
5. Mukasa	20. Kalooli
6. Sseggwanga	21. Ssali
7. Babirye	22. Maasomoogi
8. Beene.	23. Katambala
9. Kiwanuka.	24. Mayanja
10. Ssekiboobo	25. Wassajja
11. Nantongo	26. Kamyia
12. Kagere	27. Anna
13. Musa	28. Kasirye
14. Kizza	29. Magulunnyondo
15. Musisi	30. Namakula



Ekyokukola 2:

Okuwandiika

1. Lwaki abantu batuumibwa amannya?
2. Mu bibinja:

- a) Mumenye amannya g'eddiini gonna mu lukangaga olukuweereddwa waggulu.
- b) Mumenye amannya g'ebika agali mu lukangaga .
- c) Mulage amannya g'ebika amalala ataano(5) naye nga tegakuweereddwa mu lukangaga olwo waggulu.
- d) Mumenye ebika by'amannya ebirala ebiragiddwa mu lukangaga

4.6: Ennyimba eziyimbibwa ku mikolo gy'okutuuma amannya

Oluyimba biba bigambo ebiba bitegekeddwa obulungi mu ngeri eyeefaanyiriza ng'ekitontome. Zibaamu amakulu agaba gatuukiira ku kigendererwa ky'omuyimbi. Mu kitundu kino, ojja kuyiga ennyimba eziyimbibwa mu kutuuma amannya mu kinnansi ne mu kutuuma amannya mu ddiini.





Ekyokukola 1: Okuwuliriza

Muwulirize oluyimba luno wammanga okuva ku katambi

Oluyimba olusooka

WANNONDA DDUNDA

Wannonda ddundaddunda

Wannonda.....ddunda

N'onsiima mbeere wuwo.....mbeere wuwo

Wanfuula mwana, nga mbatizibwa.....

Wansiiga omuzigo.....

N'onkakasa mu butume bwo.....mu butume bwo

Nnafuuka kiggwa mw'osiiba.....mw'osiiba

Mw'otuula gwe Katonda..... ggwe Katonda

Ha! Nneesiimye.....nneesiimye

Ha! Ng'onjagalang'onjagala

Mujje mulabe omukama by'akolabya magero.

Bisamaaliriza by'akolera abantu.....

Tukwekola gw'atubumba;

Tukwekola gw'atutaasa

Tukwekolaggwe ddunda lugaba.

Mujje mulabe omukama by'akola, bya magero.....

Bisamaaliriza addiramumu abantu

Tukwebaza ggw'atulokola

Tukwebaza ggw'omusaasizi

Tukwebaza ggw'alunda ffenna.

Mujje mulabe omukama by'akola bya magero

Bisamaaliriza wangobako obutamanya,

Ssirimbibwa buli kija

Ssirimbibwa mangu nnyo, ssirimbibwa,

Nze kKulisitu gwe mmanyi

Mujje mulabe omukama by'akola bya magero

Kulisitu katonnda, ggwe mmere y'abantu
Tukwebaza ggw'atuliisa
Tukwebaza ggw'entanda
Tukwebaza ggw'atwewa wenna.
Mujje mulabe omukama by'akola bya magero
Bisamaaliriza by'akolera abantu
Tuba naye buli wantu
Tuba naye mu njendo
Tuba naye ewaffe mu maka.



Ekyokukola 2: Okuwandiika

1. Mu bibinja ;
Munnonnyole oluyimba luno kye lutegeeza.?
2. Mu bubinja;
 - a) Mukubaganye ebirowoozo ku miganyulo gy'okuba n'erinnya eddala eritali lya kika.
 - b) Muleeteeyo oluyimba lumu oluyimbibwa mu kubatiza oba mu kusala Akiika era muluyimbe.



Ekyokukola 3: Okusoma n'okuwuliriza

Okuzaala kwe kujaagaana,
okuzaala kwe kujaagaana,
buli muntu yandizaddeko ku mwana,
kassukaali, natuukirira,
sikutendera buwoomi,

Omwana olugwa wansi,
nga batemya ku jjajja,
ng'amuweerawo erinnya,
azadde mwana ki,
azadde atya, azadde ddi,

erinnya kwe lisinziira.

Ba nzadde mu lutalo,

erya Lutalo,

oba Nalutalo ly'atwala.

Abazaalibwa ku njala be ba Njala oba Nanjala.

Ye nkugagambe ki ndeke ki?



Ebyo nga biwedde,

ekika ne kikola ogwakyo,

ava mu kika kya Ngabi,

Butiko oba Nkerebwe?

Eyo n'afuna eryayo.

Siikulwiseeyo,

teweerabira okwalulwa,

buli mwana azaaliddwa alina ate okwalulwa,

eyo nayo n'afuna eryayo.

Nswazaluguudo ne Birimuye ge gamu ku ago.



Ekyokukola 4: Okuwandiika

1. Oluyimba luno lwogera ku ki?
2. Abaana batuumibwa amannya okusinziira ku mbeera eriwo mu kiseera ekyo .Nnyonnyola embeera bbiri(2) ezoogeddwa mu luyimba luno.
Mu bibinja;
3. Mufuneeyo oluyimba lumu oluyimbibwa ku mukolo gw'okwalula abaana era muluyimbe.

Ekyokula ekiwumbawumba essuula

Oyitiddwa ku kwalulwa kwa kizibwewo . Ng'akabonero ak'okukusiima bakusabye oluyimba lw'oyiyizza mu bigambo byo. Mu dda, oluyimba luno lujja kuyimbibwanga ku mikolo gy'okwalula eginaabangawo mu nju mwava.

Ebyokugoberera

Ng'okola ne banno;

1. Muyiyeyo eluyimba.
2. Muyimbe oluyimba olwo.

5. Emirimu



Ebigambo ebikilu

- Ebbaluwa
- Ennyambala
- Kazannyirizi
- Nakasigirwa
- Omulimu
- Endagabikwatakumuntu
- Empandiika entongole
- Okukola
- Omulimu

Ebirubirirwa

Oluvanyuma lw'essula eno oja kuba osobola:

- a) Okutegeera emirimu gy'enjawulo omuli emisomerere n'egitali misomerere.
- b) Okunnyonyola ebigambo ebikozesebwa ku mirimu.
- c) Okunnyonyola ebifo abakozi gye bakolera.
- d) Okutegeera ennyambala y'abakozi ku mirimu egitali gimu.
- e) Okuwandiika ekiwandiiko ky'ebikwogerako/endagabikwata ku muntu mu bufunze.
- f) Okuwandiika ng'ogoberera empandiika entogole
- g) Okutegeera obwakazannyirizi n'okumanya ebirungi n'ebibi ebibulimu.

Essuula mu bufunze

Mu Buganda yattu eno kizibu nnyo okusanga omuntu nga ali awo ataayaaya butaayaayi. Obudde obusinga naddala obw'emisana abantu babaako ne bye baba bakola. Abantu abamu bakola emirimu nga tebaagisomerera, ate abalala ne bakola gye baasomerera. Abantu abeekikula ekyenjawulo n'emyaka egyenjawulo bakeera nnawankya kunoonya kigulira magala eddiba. Mu ssuula eno oja kuyiga ebifa ku mirimu egy'enjawulo, era oja kuyiga ebigambo eby'enjawulo ebikozesebwa ku mirimu egitali gimu na gimu.

Mu ssuula y'emu oja kuyiga okuwandiika Endagabikwatakumuntu, n'ebbaluwa entongole, okugeza esaba omulimu, ey'okwetonda, n'endala. Oja kuyiga n'ebikwata ku kitone ky'obwakazannyirizi, n'ebirungi ebikirimu.

5.1: Emirimu



Ekyokukola 1: Okusoma n'okwogera

Soma ekitundu kino wammanga n'obwegendereza

Amaka g'abakozi

Ku kyalo Malangala waaliyo omusajja ng'erinnya lye ye Kasujja. Obutafaananako ne mikwano gye abaali abayivu, Kasujja yali teyasoma, era abantu ku kyalo baamusekereranga, olw'okubeera omwavu, mbu ne mukazi we okuzaala ng'akamyu. Ye ne mukazi we baalina abaana musanvu, abalenzi bana, n'abawala basatu.

Naye yadde nga batuuze banne baamuvuma n'okumulangira olutatadde, Kasujja yaguma. Yalina enjombi ye ng'egamba nti, 'Kasita ekivumo tekimenya ggumba.' Ennaku bwe yamuyinga, yatuula wansi n'afumintiriza eky'okukolera embeera gye yali ayitamu. Nga bwe bagamba nti oguli ewa munno tegugoba ngo, Kasujja ekimuggya awabi yalina ku kiggya mu nju ye mwennyini awatali kusuubiriza mu bantu balala.



Olwali olwo Kasujja n'atandiikiriza mpola okukuba bbulooka/ amataffaali. Batabani be abakulu nabo n'abayigiriza, si kukuba bbulooka kyokka, wabula n'okuzimba.


Mukazi we Nnakku mu kiseera ekyo naye yali ayiyyiizzaayo amagezi g'okwekolerayo ku kasente. Yafumbanga akatogo n'akatwala mu basajja abaakubanga amataffaali ku makya, ku katogo yatuuka n'ayongerako caayi, ate ekyemisana n'abatwaliranga muwogo n'ebijanjaalo. Wamma ggwe embeera n'ekyuka kinene nnyo! Kasujja ne mukazi we baatandika okwenogera ennusu mu ngeri eyo, era n'abaana abaali batudde baabazzaayo ku ssomero ne baddamu okusoma.

Omwana waabwe omukulu Boogere, yasoma n'afuuka musomesa, ate omuwala amuddako, Nakasujja ye yasoma bwa nnansi. Ono nno yayamba nnyo kitaawe mu kiseru ng'akaddiye kuba yagendanga mu kyalo n'amujjanjaba ebirwadde by'ekikadde ebyamugwiranga.

Naye yadde Nakasujja yakola ekisoboka kyonna okujjanjaba kitaawe, ekiseera kyatuuka Mukama n'amuyita, bwatyo musajja wattu n'akkirira e Zzirakumwa. We yafiira yali awezezza egy'obukulu kinaana mu etaano.

Naye ekirungi mutabani we omusomesa ne muwale nnansi, omulimu gw'okulabirira amaka ga kitaabwe baagutwala bulungi mu maaso, era abaasigalawo tewali yajula.


Oluvannyuma, mutabani wa Kasujja omulala, Basajjamivule, yayingira mu magye. Olw'empisa ze ennungi n'obunyiikivu yakuzibwa mangu n'atuuka ku ddaala ly'obwa Kkano.



Munne Gakuweebwamunno, eyali amuddako, ye bambi eby'okusoma tebyamutambulira bulungi, era bwatyo yava mu ssomero, naye teyazingira mikono. Yatandika okulima emicungwa era yayatiikirira nnyo ng'omulimi w'emicungwa. Teyakoma awo, gavumenti bwe yateekawo emisomo gy'abakulu yagyenigiramumu, ate eyo gye yayigira okubajja, ekintu nakyo kye yakola n'ayatiikirira n'okusinga bwe yali omulimi.



Kato kaabwe ka Nakasujja kaali keegomba nnyo eby'ennambala emisono, n'okutunga..Ko olwamala S.4 kaasalawo kuyiga kyalaani. Kati Nnakasujja y'omu ku batunzi b'engoye abaatiikirivu mu ggwanga. Atunga buli musono oguli ku mulembeera abagagga bangi bamweyunira.



Ate ye Balikyebuuza omuwala eyali adda ku Najja, yasoma bwa ppuliida/bwalooya, kuba amagezi gaali gamwesera. Ennaku ezo baamuwa okuba omulamuzi w'eddaala erisooka e Kalangala.

Ye mwannyinaabwe asemblerayo ddala, Kirabo, yasoma n'akoma mu ssiniya eyoomukaaga, naye ye ekitone kye eky'okuyimba n'obwakazannyirizi byamwongerayo, kati ennyimba ze teziva ku leediyo ne terefayina, naddala oluyimba lwe olwasooka, "Taata weebale". Atambudde amawanga ng'asanyusa abantu abatali bamu.

Bwegatyo amaka agaali ameeboolereze, kati ge gakunjaanya buli muntu, abagagga, abakadde, abalema n'abatali, ko abantu aboobuvunaanyizibwa ddala. Ennaku ezo baatandikawo n'ekibiina ky'obwannakyewa kye baatuuma "Kasujja Charity Fund" kiwola abalimi ne banneekoleragyange. Nnamwandu Kasujja mu bukadde bwe mukazi musanyu nnyo.



Ekyokukola 2: Okuwandiika

Mu bibinja,

1. Muleete amakulu g'ebigambo bino okusinziira nga bwe bikozezeddwa mu kitundu
 - Okuzaala nga akamyu
 - Amaka ameeboolereze
 - Okwenogera ennusu
 - N'akkirira e Zzirakumwa
 - Teyazingira mikono
2. Mulage engeri Kasujja ne mukaziwe gye baasobola okuzza abaana mu ssomero abaali batasoma.
3. Munnyonyole ensonga lwaki oluyimbalwa KIRABO,, "Taata weebale" lwayatiikirira nnyo.



Ekyokukola 3: Okuwandiika

Mu bibinja;

1. Munokoleyo emirimu egyenjawulo egyogeddwako mu kitundu
2. Muwandiike emirimu gye mwagala okukola okuva mw'ejo egibaweereddwa mu kitundu muwe n'ensonga lwaki mugironze
3. wandiika emboozi nga ya bigambo nga kikumi {100} ng'onnyonyo omulimu gw'osinga okwagala okukola ng'okuze...

5.2: Ebigambo ebikozesebwa mu mirimu egyenjawulo

Mu ssuula eyookusatu wayiga ku bifo ebyolukale ebyenjawulo. Ebifo ebisinga obungi ku byo byali bifo byamirimu. Buli kifo kyamulimu kirina ebigambo ebyakyo ebyenjawulo abakozi mu kifo ekyo bye bakozesa nga bakola emirimu gyabwe. Bw'oyagala okukolagana n'abakozi b'omu masomero, amalwaliro, mu magye, mu ppoliisi, mu bbanka, n'ewalala, waliwo ebigambo by'olina okukozesa ng'abantu baayo bakutegeera bulungi.

Ebimu ku bigambo bikuweereddwa mu lukangaga wammanga :

Ekifo ky'omulimu	Ebimu ku bigambo bye basinga okukozesa
Mu malwaliro	Kkirinika, Musawo, Nnansi, empiso, eddwaliro, endwadde, obulamu, enzijanjabo, okulongoosa, okukuba ebifaananyi by'amagumba, okulwala, okutanaka, okuwona, okussuuka, n'ebirala.
Mu by'ebyenjigiriza	Omusomesa, omuyizi, olubaawo, abakulembeze b'abayizi, ebitabo, ebibuuzo, obubonero, omulimu, ewasomerwa ssaayansi, ewaterekebwa ebitabo, wandiika, soma, kikeerezi, kuyita, kugwa, n'ebirala.
Mu magye	Omusirikale/omujaasi, Kkano/Kkonolo, amadaala, amayinja, emmundu, abayeekera, okuwamba, okwekweka, bbomu, kuba essasi, ebiragirowo, duumira, omuduumizi, n'ebirala.



Ekyokukola 1: Kuwandiika

1. Ng'okola ne banno, mulondeyo ebigambo 10 okuva mu ebyo waggulu mubikozese mu sentensi.
2. Mufuneyo emirimu esatu egitayogeddwako waggulu muwandiike ebigambo ebikozesebwa mu mirimu egyo.
3. Mu kitabo kyo, jjuza ebibula mu lukangaga luno wammanga.

Erinnya/Ekitiibwa ky'omukozi	Omulumu
Omusomesa	_____
_____	Ajjanjaba
Makanika	Akanika
Omugoba w'ebidduka	_____
Yinginiya	Kakensa/Ommukugu
_____	Alima n'okulunda
Omuwubi	_____
Omutunzi w'edduuka	Atunda
Omuwuzi w'ennyonyi	Avuga nnyonyi
_____	Asaka mawulire
Omusomi w'amawulire	Asoma mawulire
_____	Abala bitabo



Ekyokukola 2:

Kuwandiika


Nga mukola babiri babiri

Ebikozesebwa ebiragiddwa wammanga mubiwe amannya gaabyo, mulage emirimu gye bikozebwa, n'ababikozesa.

1



2



3




4



5



6



7



8






5.3: Enyambala y'abakozi ku mirimu egitali gimu

Mu ssuula eyookusatu wayiga ku nnyambala mu bifo by'olukale eby'enjawulo. Mu ssomo lino ogenda kuyiga engeri abantu abakola emirimu egyenjawulo gye bambalamu okugeza mu bifo nga amassomero, amalwaliro, mu makolero n'ebirala





Ekyokukola 1:

Kuwandiika

1. Mukwataganye ebyambalo ebiragiddwa mu lukangaga luno wammanga n'abakozi ababyambala.
2. Enyambala y'abakozi ku mirimu egendererwamu kki?



Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza

Omulumu gw'okukolera awamu

Mwegabanyeemu ebibinja bibiri, ng'ekibinja ekimu kiwagira, ate ekirala nga kiwakanya, mukubaganye ebirowoozo ku mutwe ogugamba nti,

“OKWAMBALA YUNIFOOMU KU MIRIMU KISAANA KIWEREBWE”

5.4: Endagabikwatakumuntu

Mu nsi y'emirimu ensangi zino, kikulu nnyo abantu okuba nga bakumanyi bulungi. Kyetaagisa ne basoma ku by'ozze okola ne bye wasoma. Kino abantu abasinga bakikola nga bawandiika ku bibakwatako mu bufunze, ne bye bazze bakola mu bulamu. N'olwekyo kikulu nnyo naawe okuyiga okuwandiika ebikukwatako mu bufunze.



Ekyokukola 1: Okusoma

Soma wekkaanye Endagabikwatakumuntu eno wammanga

Endagabikwatakumuntu

1. Ebisooka

AMANNYA:	Kyeyune Hood
EKIKULA:	Musajja
ENNAKU Z'OBUZAALE:	3tu Mugulansigo 1990
OBUTUUZE:	Munna Yuganda
ENZIKIRIZA:	Muyisiramu
ENDAGIRIRO:	A.K.P 233, Kampala
ESSIMU:	+256 -0704 – 66024

2. Obuyigirize

EDDAALA LY'OBUYIGIRIZE	OMWAKA MWE BYAKOLERWA	ESSOMERO GYE BYASOMERWA
SINIYA EYOOKUNA	2014	Agalyawamu S.S. Butambala Mpigi
PPULAYIMALE	2010	Muduuma Primary School Mawokota Mpigi
1. OBUVUNAANYIZIBWA		
Mukulembeze w'abayizi	2013-2014	Muduuma Primary School Mawokota Mpigi
Omuyizi Akulira eby'emizannyo	2012-2013	Agalyawamu S.S Butambala Mpigi
2. EMIRIMU GYE		GW'AKOLERWA
Omukuumi w'ebisolo	Uganda Wildlife Authority	2018-2019
Omukumi w'awaka	Securico Uganda Limited	2016-2017
3. EBINNYUMIRA		
(i) Kuzannya kapiira (ii) Kuwuliriza nnyimba		
4. ABASEMBI		
(i) Omukulu w'essomero, Agalyawamu S.S A.K.P 112, Mawokota Mpigi. (ii) Ssentebe w'ekyalo Bulerejje L.C 1 Mwanje Kalooli A.K.P 11, Muduuma Mpigi.		



Ekyokola 2:

Okuwandiika



Nga mukolera mu bibinja, muddeemu ebibuuzo bino wammanga ng'owandiika mu kitabo kyo

1. Endagabikwatakumuntu mu kyokukola ekisooka waggulu ekwata ku ani?
2. Nnannyini Ndagabikwatakumuntu oyo gw'oyogeddeko mu (1) waggulu, aviira wa?
3. Omuntu nnannyini Ndagabikwatakumuntu waggulu yasoma kutuuka wa?
4. Yakola mulimu ki nga y'akava mu ssomero?
5. Bintu ki ebikulu ebitabula mu ndagabikwatakumuntu?
6. Wandika Endagabikwatakumuntu eyiyo.

5.5: Ebbaluwa entongole

Mu ssiniya esooka wafuna obukugu obw'okuwandiikira owooluganda oba owoomukwano ebbaluwa. Ebbaluwa ez'ekika ekyo ziyitibwa ezitali ntongole. Mu kitundu ky'essuula kino, ojja kuyiga okuwandiika ebbaluwa eri woofiisi entongole.

Ojja kuzuula enjawulo eriwo wakati w'ebbaluwa etali ntongole n'entongole eyeekuusa ku nfaanana yaayo n'olulimi olukozesebwa.



Ekyokukola 1:

Okusoma

Soma era wekkaanye ebbaluwa esaba omulimu eyawandiikibwa omuntu nnyini endagabikwatakumuntu mu kitundu 2.5.3 ebiri ku muko 104/105

Nabinaka LCI,
Muluka gw'e Migadde ,
Gombolola y'e Ggombe,
Disitulikiti y'e Wakiso,
20^{ri} Mutunda 2019

Eri Omuduumizi wa Poliisi ya Uganda,
A.K. P 407,
Kampala.
Ssebo/Nnyabo,

Ensonga: Okusaba Okwegatta ku Kitongole kya Poliisi

Amannya gange nze Kyeyune Hood. Nalaba akalango akaafulumira mu lupapula lwa Bukkedde olwa nga 6 Mutunda 2019 nga mwagala okuwandiika abasirikale abapya, ate ng'okusinziira ku bisaanyizo bye mwasaba, ndaba nsaanidde..

Ndi musajja Munnayuganda aweza emyaka 23 egy'obukulu nga ndi Muganda. Nnasoma okutuuka mu ssiniya ey'okuna era nafuna ebbaluwa y'obuyigirize obwa ssiniya eyomu mwaka 2014.

Bwe nnali mu ssomero nafuna obuvunaanyizibwa obw'enjawulo ng'okubeera omukulu w'abayizi n'okukulira ebyemizannyo.

Mu kiseera kino nkola n'ekitongole kya Uganda ekirabirira ebisolo by'omu nsiko ng'omukuumi. Bwe nnali sinnakyegattako, nnakola ng'omukuumi mu kitongole kya Securiko Uganda Limited mu myaka 2016 ne 2017.

Ebintu by'ensinga okunyumirwa mu biseera byange eby'eddembe mwe muli okuzannya akapiira, okudduka emisinde, okuyimba, okuzina ne katemba. Nkakasa nti obumanyirivu obwo, bujja kunsobozesa okukola ng'omusirikale wa poliisi omulungi.

Bw'oba oyagala okumanya ebinkwataka ebisingawo, buuza

- Omukulu wa Securiko Uganda Limited
- Ssentebe wa LC eyookusatu
Gombe Wakiso disitulikiti.

Nnindiridde n'essanyu okuddibwamu kwo.

Nze akussaamu ekitiibwa,

Kyeyune Hood
KYEYUNE HOOD



Ekyokukola 2: Okwogera n'okuwuliriza

Kukolera mu bibinja



Nga muli mu bibinja bya bana oba bataano mukubaganye ebirowoozo era muddeemu ebibuuzo bino wammanga.

1. Munokoleyo ebitundu by'ebbaluwa eno ebikulu
2. Mukubaganye ebirowoozo ku bbaluwa eno nga mwekkaanya ensengeka yaayo n'olulimi olukozezeddwa.



Ekyokukola 3 : Okuwandiika

Muwandiike omulimu guno mu bitabo byammwe

Leediyo Bukedde eyagala kuwandiika mukozi anaaweereza ku mpewo. Olabye ng'olina ebisaanyizo ebimala okukola omulimu ogwo. Wandikira Maneja wa Bukedde Leediyo ku Kasanduuko ka Posta 1252 Kampala, ng'osaba omulimu ogwo.



Ekyokukola 4: Okuzannya kazannyo

Otuuse kikeerezi ku ssomero. Omusomesa wo atiisatiisa okukuba. Gwe ne munno muzannye akazannyo akalaga ekikolwa ekyo nga muli mu maaso g'ekibiina. Omu ku mmwe abeere nga ye muyizi, omulala abeere nga ye musomesa. Kakasa nti weetondera omusomesa.



Ekyokukola 5: Okusoma n'okwogera

Soma ebbaluwa eno ey'okwetonda n'obwegendereza :

Katabi Secondary School,
AKP 174
Buvuma.
10^{mi} Museenene 2019

Eri,
Omusomesa wa Ssiniya eyookubiri B
Katabi Secondary School
Ssebo,

Ensonga: Okwetonda olw'okutuuka ku Ssomero Ekikeerezi

Ssebo, nneeneny olw'okutuuka ekikeerezi ku ssomero, ekintu kye ssikolangako. Nsaasira! Ku makya bwe nnabadde nzija ku ssomero, omuvuzi wa boodabooda omu, yandeeseekeo. Engeri olukubakuba gye lwabadde lufuuyirira, nabadde sisobola kugaana mukisa ogwo. Omuvuzi ono eyabadde avuga endiima yasoose kuntwala mu kirabo kya mmere. Olwokuba nnabadde nga ntintima, nnanyweddemu ekikopo kya caayi nga ssimanyi kigendererwa kye. Ekifo ky'okundeeta ku ssomero, kaggwensonyi ono, yansabye mukwano. Nze olwokuba saagala kweyingiza mu bintu bifaanana bityo, akagendo nnakatambudde okutuuka ku ssomero newaakubadde obudde bwabadde bwayise dda.

Ssebo, nsaba onsonyiwe. Nsuubiza nti sigenda kuddayo kweriraanya bantu be ssimanyi ekiyinza okunviiramu okumenya amateeka g'essomero n'ebiragiro, ate n'okussa obulamu bwange mu matigga.

Naasanyuka ng'okkirizza okwetonda kwange.

Akussamu ekitibwa,

Namata Beatrice

NAMATA BEATRICE



Ddamu ebibuuzo bino:

1. Ebbaluwa eno yawandiikirwa ani?
2. Ebbaluwa yawandiikibwa ddi?
3. Ani yeetonda?
4. Lwaki omuwandiisi yeetonda?



Ekyokukola 6: Okuwandiika

Omukulu w'essomero lyo afunye alipoota ekakasa nti watulugunyizza omuyizi wa Ssiniya esooka. Omuyizi oyo wamukubye era n'omusikako ebitabo bye. Olw'ensonga eyo, Omukulu w'essomero ategeka okukugoba mu ssomero.

Wandiikira Omukulu w'essomero ebbaluwa eyeetonda ng'omusaba akusonyiwe

5.6: Obwakazannyirizi

Wali osomyeko oba owulidde ku telefayina, ku kumitimbagano gy'empuliziganya, ku ssomero oba mu bifo bya lukale omuntu kazannyirizi ayinza okukussa enseko? Owulira ng'oyagala buli kiseera obeere mu mbeera eyo. Okusaagirira kuno kwe tuyita obwakazannyirizi. Obwakazannyirizi buyiza okuba omuzannyo oba akazannyo naye nga kajjudde ebisanyusa. Katemba kye kimu ku bintu ebikyase mu nsi yonna ensangi zino. Eriyo abantu nga bo omulimu gwabwe katemba era ng'abayambye mu ngeri emu oba endala.



Ekyokukola 1: Okusoma


Soma emboozi eno n'obwegendereza

Ddiikuula

Ddiikuula ye musanyusa, era kazannyirizi asinga obumanyifu mu kitundu ky'e Mubende .Abantu abasinga obungi bamuyita Kattasituleesi. Amannya ge amatuufu ye Kalule Atanansi. Yazaalibwa nga 14 Kafumuulampawu 1987 mu kyalo ekiyitibwa Nakakabala mu Ssaza ly'e Ssinga, mu disitulikiti y'e Mubende esangibwa mu Buganda.

Yatandika okusoma mu Nakakabala Pulayimale eyo gye yava ne yeegatta ku Mubende Progressive erisangibwa mu disitulikiti y'e Mubende gye yamalira ssiniya eyookuna n'eyomukaaga. Eby'embu teyasobola kweyongerayo ku yunivasite yadde ng'obubonero bwe bwali bumukkiriza kubanga abazadde be baali tebasobola kumusasulira bisale.

Ddiikuula yatandiikiriza mpola ng'asaaga obwa kazannnyirizi ng'akyali muto.Bwe yagendanga ne bato banne ku ttale okulunda ente, yageegeenyanga amaloboozi g'ebisolo n'ebinyonyi eby'enjawulo olwo ng'alimba banne nti asobola okuvvuunula ennimi z'ebisolo n'ebinyonyi.



Atanansi we yatandikira okusoma mu Nakakabala Pulayimale, yali amaze okukwata obukusu obuyimba bw'ebinyonyi ebisinga obungi. Abasomesa baateranga okumuwanga akaseera ku paleedi asanyuse bato banne. Ddiikuula teyakoma okwo, yakwata amaloboozi g'abasomesa be. Abayizi bwe bawoggananga oba okuzannyira mu kibiina, Kattasituleesi nga yeemulula adda ebweru ng'olwo afuula eddoboosi ng'omusomesa ng'alagira nti "Musirike!" olwo ng'ekibiina kyonna cce ng'endegeya ze bakubyemu ejjinja.

Bwe yalabanga ekigendererwa kye akifunye olwo ng'abwatuka enseko n'abalala ne bagoberera.



Atanansi bwe yatuuka mu bibiina bya pulayimale ebya waggulu, n'ayingira ekibiina ky'essomero ekya katemba. Yali asobola okuzannya ng'omuntu yenna kubanga eky'okukyusakyusa amaloboozi teyakisangangamu buzibu. Yali asobola okuzannya ng'omusajja omukadde, omukazi oba omwana. Buli lwe yazannyanga ng'omukazi olwo nga ffeesi agitunuza ng'ennyana eseka. Essomero lyawangulanga empaka z'okuyimba, amazina ne katemba ezisinga olwa Ddiikuula.

Mu Mubende Progressive Secondary School, Ddiikuula gye yasinga okuyitimukira. Olumu essomero lyategeka empaka z'obwannalulungi, Ddiikuula yagaana okwewandiisa ng'omulenzi. Yeefuula muwala ne yeewa erinnya lya "Nalule". Abasazi b'empaka tebaasobola kumanya nti mulenzi bw'atyo n'aziwangula. Kino kyayanaamiriza buli eyaliwo.

Abategesi b'empaka bwe baalaba ekitone kya Ddiikuula, ne batandika okumutwalanga mu bifo bya lukale ne ku mikolo ng'embaga, ku nkuŋŋaana z'ebufuzi ne bifo ebisanyukirwamu, akole obwakazannyirizi.



Mu luwummula lwe olwa ssiniya eyoomukaaga, Kattasituleesi yeegatta ku kibiina kya Mubende ekya katemba ekya ne kimusobozesa okutalaaga Mubende yenna ng'akola obwakazannyirizi. Amakampuni mangi gaamupangisanga olw'eddoboozi lye agakubire obulango n'obuzannyo obutunda ebyamaguzi byabwe.


Olunaku olwasinga okunyiza Ddiikuula lwe yagenda mu bbaala eri mu kitundu ekiyitibwa Myanzi. Myanzi kafo kamanyiddwa lwa kutunda mwenge. Olwalinnya ku siteegi okukola obuzannyo bwe obwa bulijjo, abatamiivu ne bamugoba kubanga bo baagala nnyimba zokka. Baamukuba empi ku matama ekyaddirira kussaako kakokola tondeka nnyuma.

Ddiikuula ekyamulinnyisa eddaala kwe kukyala kw'abalambuzi abaava mu Holland abaali bazze okwerolera ku mpuku za Walumbe ezisangibwa e Ttanda. Ku mukolo ogw'okubaaniriza, ab'ekibiina ky'e Mubende eky'ebyobuwangwa baayita Atanansi n'akola obuzannyo bwe obwawuniikiriza buli omu.

Obwakazannyirizi bwaviiramu Ddiikuula ebirungi ntoko. Abalambuzi baamuyamba okufuna visa eyamutwala mu nsi y'ewaabwe okuzannya obuzannyo.



We yaddira okuva e Holland yali awezezza ddoola eziwerako ezaakyusa obulamu bwe. Olwo naafuuka kazannyirizi w'ensi yonna. Azannyidde mu nkuyanja y'abantu e Lagos, London, Lusaka, Harare, Tokyo, Lilongwe ne mu bibuga bya Uganda ebiwerako.



Omulumu guno gufudde Ddiikuula naggagga era kati bazadde be tebakyatambuza bigere. Kyokka ekisinga obukulu Ddiikuula yeewera okuddayo okusoma. Agamba nti “Nteekwa okufuna waakiri ddiguli esooka mu bintu bya katemba bino. Kino kye kirooto kyange.” Bw’atyo bw’alayira.



Ekyokukola 2: Okuwandiika n’okwogera

Osomye ku Ddiikuula kazannyirizi asinga obwatiikirivu mu Mubende mu kitabo kyo

1. Nokolayo abantu b’omanyi nga bakazannyirizi mu ssomero lyo, mu kitundu gyobeera oba mu kibiina kyo.
2. Wa ensonga lwaki olonze abantu abo.
3. Lwaki abantu bakola obwakazanyirizi?
4. Nnyonnyola obukulu bw’omulumu gwa kazanyirizi.

5.7: Nakasigirwa ezoobuntu

Nakasigirwa kye kigambo ekiyimirirawo ku lw’erinnya oba ekisigira erinnya.

Ekyokulabirako;

1. Mukwano gwo Namusoke ali mu kinaabiro anaaba.
Singa omuntu akubuuza nti, “Namusoke akola ki?”
Mu kwanukula ojja kuddamu nti, “**A**naaba.” Erinnya lya mukwano gwo Namusoke tozzeemu kulikozesa.
Saza ku nnyukuta eyimiriddewo ku lw’erinnya Namusoke.
2. Namusoke bw’amaze okunaaba, agenze ne Kalule mu katale.
Singa omuntu akubuuza nti, Namusoke ne Kalule baliwa?
Ojja kuddamu nti, “**B**agenze mu katale”.

Amanya Namusoke ne Kalule gakiikiriddwa na ki mu kigambo **'Bagenze'**?

N'olwekyo Nakasigirwa ezoobuntu bwe bugambo obuyimirawo mu kifo ky'erinnya ly'omuntu. Obugambo buno bweyolekera mu busatu bw'omuntu;

Omuntu	Mu bumu	Mu bungi
Asooka	Nze	Ffe
Owookubiri	Ggwe	Mmwe
Owookusatu	Ye	Bo



Ekyokukola 1: Okuwandiika

1. Ddamu owandiike sentensi zino wammanga, ng'amannya agalimu ogasikiza Nakasigirwa ezigatuukirako.
 - a) Kyakoonye wamma oyagala kusomerera ki?
 - b) Munnafe Nakato ayagala busomesa!
 - c) Nalumansi ne Ssekaggo oba baagala ki?
 - d) Kalyango ne Musoke mugende mubatubuulize.
 - e) Ssemwanga nange tukyalina bye tukola.



Ekyokukola 2: Okusoma

Soma ekitundu kino wammanga, n'oluvannyuma onokoleyo Nakasigirwa ezoobuntu z'olabamu.

Ffe tugenda kukyalira jjajja era nze sirina kirala kye ndowooza kati. Ye munnafe Zaake yagambye mbu ebintu tubitaddemu akajanja, nange namubuuzizza nti, "Mmwe ewammwe ba jjajja temubaagala?" Awo kwe kujuliza mbu bo ewaabwe tebajanjawa nsonga ng'ezo! Nange nemuddamu nti kati ggwe bali be bakusalirawo?

Ekyokukola ekiwumbawumba:

Kukubaganya ebirowoozo:

Mukulu wo yava mu ssomero olw'esonga naawe z'otaamanya, naye n'atandiikiriza mpola okuzimba obulamu ng'atandikira ku bulimu obutonotono. Kyokka w'ali kati y'omu ku bantu aboogerwako abatutumufu mu ggwanga. Wabula agamba nti yejjusa obuamal;iriza misomo gye nti kuba yadde abantu bamutendereza ye awulira alina ebimubulako bingi.

Essomero lyammwe liteeseteese empaka z'okukubaganya ebirowoozo wakati w'abayizi aba siniya esooka n'eyookubiri ku mutwe ogugamba nti;

“EMIRIMU EGITALI MISOME GISINGA EMISOME.”